ENKULUZE Y'EBYOBUWANGWA BW'ABAGANDA EYEESIGAMIZIDDWA KU BITEGEERO

OMUNOONYEREZA

KAWALYA DEO

00/U/906

OMULIMU GW'OKUNOONYEREZA OLW'OKUJJUULIRIZA EBISAANYIZO BY'OKUMALIRIZA DIGULI YA BACHELOR OF ARTS MU MASOMO G'OLUGANDA N'EBY'ENNIMI MU MAKERERE UNIVERSITY

OMULUNGAMYA

Dr. K.B KIINGI

2002/2003

OKUKAKASA

Nze Deo Kawalya, nkakasa nti omulimu oguvudde mu kunoonyereza kuno teguweebwangayo mu ttendekero lyonna ku lw'okufuna Diguli yonna. Noolwekyo omulimu guno muggya.

……..

Deo Kawalya

OMUNOONYEREZA

……..

Dr. K.B Kiingi

OMULUNGAMYA

OKUWONGA

Eri omwagalwa maama Norah Namata. Ky'okoze kirowoozebwa bulowoozebwa, so tekikkirizika eri abasinga obungi. Yongera okubeerawo nga eky'okulabirako.

OKWEBAZA

We ntuusirizza omulimu guno ku ddaala lino, Ngenze okulaba nga tekiyinza kwewalika okwebaza abantu bano wammanga olwa byonna bye bankolera obutereevu oba mu ngeri endala okulaba nga gutuuka wano.

Neebaza nnyo maama Norah Namata olw'okwerekereza byonna ebirungi n'asobola okumpa buli kamu ke mba mmusabye. Kuno ngattako abantu abalala bonna abandaze omutima ogw'ekizadde mu kusoma kwange nga Mw. Kimera Mugalula simwerabidde.

Bayizi bannange bonna be nkolaganye nabo mu myaka esatu egy'okusoma kwange mbeebazizza nnyo. Siyinza kwetantala kumenya linnya na limu kubanga siyinza kubamalayo, so ng'amazzi amatono gabooza ente.

Sirema kutuusa kusiima kwange eri omulungamya wange Dr. K.B. Kiingi, yannyamba nnyo n'okunzikiriza okukozesa ebitabo bye buli we nnayagaliranga.

Abasomesa bange bonna abannungamizza mu kkubo eggolokofu siyinza kubeerabira. Omutima omulungi gwe mundaze wamu ne bayizi bannange gubumbujje bubumbuzzi, awatali kusalako, n'abo abanaddawo bafune omukisa okugulegako.

EBIRIMU

Okukakasa…….i

Okuwonga…….ii

Okwebaza……iii

ESSUULA ESOOKA

1.0 Ennyanjula n'ebyafaayo…….1

1.1 Okwasanguza ekizibu…….6

1.2 Obugazi bw'omulimu…….6

1.3 Ebigendererwa by'omulimu……...8

1.4 Ebyateeberezebwa……..8

1.5 Obukulu bw'omulimu…….9

1.6 Ebigambo ebyakozesebwa……..9

ESSUULA EYOOKUBIRI

2.0 Okwekenneenya ebiwandiiko……...11

2.1 Obukodyo n'empenda……...19

ESSUULA EYOOKUSATU

3.0 Okugezesa ebyateeberezebwa……..21

3.1 Ennyanjula……21

3.2.0 Enneeyambisa y'enkuluze…….……21

3.2.1 Ensengeka n'ennamba ……..21

3.3.0 Okuzuula ebigambo n'amakulu gaabyo……22

3.3.1 Oweyambisa ebirimba……...22

3.3.2 Okweyambisa enkookero y'ekiwalifu……...22

3.4 Ebigambo ebigwa mu birimba ebingi……...23

3.5 Ebigambo ebigatte……23

3.6 Ebifunze ebyeyambisibwa……23

KLA Abalongo……...25

LLB Obubazzi……31

LLC Obububumbi……...39

WBD Obudde……42

LME Obuvubi……45

LLF Obuweesi……47

LLG Obuyizzi……50

WLH Okubala……54

KLI Okutabaala……..57

KLJ Olumbe……61

Olukalala lw'ekiwalifu……...69

ESSUULA EYOOKUNA

4.0 Okuwumbawumba……83

4.1 Okuwa amagezi……83

4.2 Ekizibu ekiggya……85

Ebitabo ebyakozesebwa……..86

1.0 ENNYANJULA N'EBYAFAAYO

Olulimi gwe muyungiro gw'obubonero obuteebereze ekibinja ky'ebiramu bwe kyeyambisa okutegeeragana. Olulimi lwonna bwe lubeera lwekenneenyezebwa, lutunuulirwa ku mitendera egiwerako; ogw'enjatula, kazimbabigambo, kazimbamboozi, kannamakulu, kalojjankuluze n'emirala. Ennimi ezaatandika edda okuwandiikibwa n'okunoonyerezebwako nga Olulattini, Olufalansa, Olugirimaani, Olugereeki, Olungereza n'endala zigenze zeekebejjebwa n'okuwandiikibwako kyenkana ku mitendera gy'olulimi gyonna oba egisinga obungi ku gyo. Kaweefube ono akolebwa abantu aboogezi b'ennimi ezo oba bannannimi abalala abayinza okuba nga si boogezi ba nnimi ezo.

Kyokka newankubadde guli bwe gutyo, mu mitendera gy'ennimi egyo mulimu egigenze gifiibwako ennyo okusinga ku mirala. Emitendera nga ogw'okwatula, kazimbabigambo ne kazimbamboozi girabika nga giwandiikiddwako era gikyawandiikibwako nnyo okusinga ku mirala. Mu egyo egirabika nga tegifiiriddwako nnyo, mwe muli omutendera gwa kalojjankuluze.

Kalojjankuluze gwe mutendera gw'olulimi ogufa ku kuwandiika enkuluze.

Ekigambo enkuluze kizze kitegeerwa mu ngeri za njawulo eri abantu ab'enjawulo. Abasinga obungi bakitegeera nga ekitabo ekiwa enkalala z'ebigambo ebisengekeddwa ekiwalifu, ne kinnyonnyola amakulu gaabyo.

Enkuluze za bika ebiwerako. Ebika byazo bisinziira ku lupimo lwa bintu nga musanvu oba okusingawo. Bisinziira ku muwendo gwe'nnimi; muno nga mulimu ez'olulimi olumu, ez'ennimi ebbiri (nnannimibbirye) n'okusingawo. Bisinziira ku mukozesa; obukulu bwe, olulimi lwe oluzaaliranwa. Zisinziira ku nsengeka y'ebigambo; eyinza okuba ey'ekiwalifu oba eyeesigamiziddwa ku bitegeero. Zisinziira ku bunene bwayo n'ebirala.

Ebyafaayo biraga nti enkuluze ezaasooka okuwandiikibwa zaabanga nnannimibbirye. Enkuluze zino era zaabangamu nkalala za bigambo nga ziwa ne kye bitegeeza mu nnimi endala.

Landau (1989 : 37) akkaatiriza ensonga eno bw'agamba nti:

> "The earliest word reference books for English speaking people were bilingual glossaries that provided English equivalents for Latin or French words."

ekivvuunulwa nti:

> "Enkuluze z'aboogezi b'Olungereza ezaasooka byali bitabo bya nkalala za bigambo bya Lulattini oba Olufalansa nga biweereddwako eby'Olungereza ebikongojja amakulu gaabyo."

Ekimu ku bitabo by'enkalala bino Landau ky'awa kiyitibwa ***Latin-English Dictionary***. Kyawandiikibwa Thomas Thomas, ne kifulumizibwa aba "Dictionarium Linguae Latinae et Anglicance" mu 1588. Eno y'emu ku nkuluze ezaasookera ddala okufulumizibawa mu nsi yonna.

Enkuluze y'Olungereza (ey'olulimi olumu) eyasooka okufulumizibwa eyitibwa ***A Table Alphabeticall*** mu 1604. Yawandiikibwa Robert Cowdrey. Enkuluze endala nnyingi zizze ziwandiikibwa. Wabula abawandiisi baazo abaggya bagenda beeyambisa ezo eziba zaawandiikibwa edda nga bongeramu oba okutoolako ne bafunamu empya. Wabula enkuluze ezisinze okujjumbirwa zirabika nga z'ezo ezisengekeddwa ekiwalifu, nga ***Oxford English Dictionary, Longman Dictionary Of Contemporary English***, ***Cambridge International Dictionary of English*** n'endala.

Weewaawo nga guli bwe gutyo, waliwo abagezezzaako okuwandiika enkuluze ezaawukana ku nkola eyo, ne bawandiika enkuluze ezeesigamiziddwa ku bitegeero oba ku bibinja by'enfaananyamakulu. Mu bano mulimu okugeza McArthur (1982) eyawandiika ***Longman Lexicon of Contemporary English***, Comenius (1631) eyawandiika ***Janua Linguarum Roserata*** ne Roget (1852) eyawandiika ***Roget's Thesaurus.***

Ebyafaayo bya kalojjankuluze mu nsi yonna birabika nga byekuubiira ku nnimi nnondemu nga Olungereza, Olufalansa, Olugereeki n'Olugirimaani. Bwe tutunuulira

ennimi z'Abaddugavu nga n'Oluganda mw'olutwalidde, ebyafaayo biraga nga mu nnimi zino enkuluze zitandise kuwandiikibwa jjuuzi luno jjolyabalamu ku ntandikwa y'ekyasa eky'amakumi abiri. Mu kiseera kino kaweefube we yatandikira ne mu lulimi Oluganda ne mutandika okuwandiikirwamu enkuluze. Wabula nga bwe kyali ne nnimi endala, ne mu Luganda enkuluze ezaasooka okuwandiikibwa zaali nnannimibbirye ate era nga zisengekeddwa kiwalifu. Mu butuufu tewannabaawo nkuluze yaafulumiziddwa nga ya lulimi lumu, okuggyako ezo ezikyali mu mabago. Enkuluze eyeesigamiziddwa ku bitegeero yo erabika nga ebadde tennabaawo ne mu bubage.

Ekyewuunyisa kwe kulaba ng'abantu abaatandika kaweefube ono tebaali Baganda wabula abo abaava ebunaayira. Enkuluze ze baawandiika noolwekyo zisinga kuyamba Bantu aboogera ennimi zaabwe nga bayiga Oluganda. Mu bano mulimu: Le Veux (1917) eyawandiika ***Premier essai de Vocabulaire Luganda-Francais***. Eno eri mu nnimi Oluganda n'Olufalansa. Kitching ne Blackledge (1952) baawandiika ***A Luganda-English and English-Luganda Dictionary***. Snoxall (1967) eyawandiika ***Luganda-English Dictionary*** n'abalala.

Mu nsangi zino waliwo kaweefube atandise okwenyigirwamu aboogezi b'olulimi Oluganda mu kuwandiika enkuluze. Ekibiina ky'Olulimi Oluganda kiri mu kaweefube ow'okufulumya ebbago ly'enkuluze ey'ekiruubirirwa eky'awamu

(general purpose). Enkuluze eno ewandiikibwa bannakibiina ekyo nga beegattidde wamu.

Mu ngeri y'emu, waliwo enkuluze endala ey'ekiruubirirwa eky'awamu ewandiikibwa mu kitongole ky'eby'ennimi mu Makerere University. Enkuluze zino zombi za lulimi lumu (Luganda) era nga zirabika ze zinaaba zisookedde ddala okuwandiikibwa mu lulimi Oluganda ez'engeri eyo.

Ekigambo **ebyobuwangwa** nakyo kitegeerwa mu ngeri za njawulo eri abantu ab'enjawulo. Mitchell (1979:45) annyonnyola ebyobuwangwa mu ntegeera erabika nga yeey'awamu egattagatta entegeera endala zonna. Agamba nti:

> "Culture, in its broadest definition, refers to that part of the total repertoire of human action (and its products), which is socially as to genetically transmitted"

ekivvuunulwa nti:

> "Ebyobuwangwa, mu nnyinyonnyola yaakyo ey'awamu, kitegeeza ettunduttundu ly'omugatte gw'ebintu omuntu by'amanyi era by'asobola okukola (n'ebibivaamu), by'atazaalibwa nabyo wabula ng'abiyigira mu nkolagana ye n'ebimwetoolodde"

Ebyobuwangwa byawulwamu abibinja ebikulu bisatu. Ekisooka ky'eky'ebyobuwangwa ebirabwako (material culture); muno mwe muli ebintu nga obubumbi, obukomazi, obuweesi n'ebirala. Ebyobuwangwa nnankolagana (social culture); muno mulimu ebintu nga entabaalo, emikolo n'ebirala. Ekyokusatu ky'eky'ebyobuwangwa nnabirowoozo (ideational culture) nga muno mwe muli ebintu ebikwatagana n'obwongo nga okugera obudde n'okubala.

1.1 OKWASANGUZA EKIZIBU

Mu lulimi Oluganda temunnawandiikibwamu nkuluze ya kiruubirirwa kya njawulo, wadde eyeesigamiziddwa ku bitegeero, so ng'enkuluze ez'engeri eno ziwandiikiddwa mu nnimi endala nga Olungereza n'Olugirimaani.

Okunoonyereza kuno noolwekyo kwakolebwa okuzuula oba ng'enkuluze eyeekiruubirirwa ekimu (ebyobuwangwa), nga yeesigamiziddwa ku bitegeero esoboka mu lulimi Oluganda nga bwe kiri ne mu nnimi endala.

1.2 OBUGAZI BW'OMULIMU

Ekigendererwa ky'omulimu guno tekyali kya kumalayo lulimi lwonna. Omunoonyereza yatunuulira byabuwangwa bya Baganda byokka. Wabula ne mu byobuwangwa yalondayo ebyakiikirira ebirala mu buli kibinja kya byabuwangwa.

Omunoonyereza yalondoola ebirimba kkumi. Mu kibinja ky'ebyobuwangwa ebirabwako, yalondayo ebirimba bitaano; obubumbi, obuvubi, obuyizzi, obuweesi n'obubazzi. Mu byobuwangwa nnankolagana, yalondayo ebirimba bisatu; abalongo, olumbe n'okutabaala. Mu byobuwangwa nnabirowoozo yo yalondayo ebirimba bibiri; obudde n'okubala. Ennonda eno yasinziira ku bugazi bwa buli kibinja kya byabuwangwa n'obudde omunoonyereza bwe yalina okukoleramu omulimu guno.

Mu buli kirimba omunoonyereza yafuniramu ebigambo byamu ebyobuwangwa era n'abisengeka ng'abigobereganya okusinziira ku muyungiro gwabyo ogw'ekinnamakulu. Yannyonnyola amakulu gaabyo, wabula ng'amakulu ga buli kigambo gannyonnyolwa okusinziira ku bigambo binnaakyo bye kiddiriŋŋana nabyo mu lweyongerero (continuum) olumu.

Omunoonyereza teyafa ku buli kigambo ekiyinza okusangibwa mu lweyongerero (continuum), wabula yafa ku ebyo ebirabika nga bya buwangwa ddala, era nga bikuuma bulungi olweyongerero. Weewaawo waliwo ebigambo ebitali byabuwangwa ddala, naye nga bwe birekebwa ebweru, omuyungiro gulabika okufa. Omunoonyereza ebigambo bino yabifaako wabula ng'abigyisa bugyisa mu muyungiro, so teyabinnyonnyola wadde okubiramba.

Mu kufuna ebigambo, omunoonyereza yeeyambisa nnyo ebyo ebyakozesebwanga edda (eby'ennono) kubanga yakizuula ng'eby'ensangi zino ebisinga obungi si

byabuwangwa kwenkana biri. Ku ntandikwa y'ebirimba ebimu omunoonyereza yagenda alambikawo obwekkaanyo obutonotono obulaga obugazi bwe yakomako mu kirimba ekyo.

1.3 EBIGENDERERWA BY'OMULIMU

Mu mulimu guno omunoonyereza yalina ebigendererwa bino wammanga:

(i) Okuzuula n'okugabanya ebyobuwangwa by'Abaganda mu bibinja byabyo ebikulu.

(ii) Okuzuula enneeyongerero (continua) eziyinza okuba mu buli kibinja kya byabuwangwa. Okufuna n'okugabanya ebigambo ebigwa mu buli lweyongerero era n'okubisengeka nga bwe birina okuddiriŋŋana.

(iii) Okunnyonnyola amakulu ga buli kigambo ekisangibwa mu buli lweyongerero nga geesigamizibwa ku bigambo ebikyetoolodde mu lweyongerero olwo.

1.4 EBYATEEBEREZEBWA

Mu mulimu guno kyateeberezebwa nti, olw'okubanga enkuluze ey'ekiruubirirwa eky'enjawulo nga yeesigamiziddwa ku bitegeero esoboka mu nnimi endala, ne mu lulimi Oluganda esoboka.

Era omunoonyereza yateebereza nti, amakulu g'ekigambo gannyonnyolwa era ne gategeerwa mangu bwe kiba nga kinnyonnyoleddwa mu nziringana yaakyo

n’ebigambo ebirala bwe bisangibwa mu lweyongerero olumu, okusinga bwe kiba nga kisangiddwa kyokka olw’ensengeka y’ekiwalifu.

1.5 OBUKULU BW’OMULIMU

Aboogezi b’Oluganda nga olulimi lwabwe olusooka oba olwokubiri ko n’abaluyiga obuyizi bajja kwanguyirwa okufuna amakulu g’ebigambo, kubanga ekigambo kijja kusangibwa ne binnaakyo bwe biddiringana mu lweyongerero olumu.

Omulimu gujja kuyamba nnyo abanoonyereza ku nnimi nnamagalo (dialects) ez’Oluganda. Buli kirimba ekyafiibwako kijjudde olulimi olukozesebwa mu kisaawe ekyo.

Omulimu gujja kuyamba abawandiisi mu kuwandiika ebika by’enkuluze ebirala ebibadde tebinnafiibwako mu Luganda ne mu nnimi endala, era n’okujjuuliriza ezo ezaawandiikibwa edda, kubanga omunoonyereza yazuula ebigambo bingi ebitaafiibwako mu nkuluze ezo.

1.6.0 OKUNNYONNYOLA EBIGAMBO EBYAKOZESEBWA

enfaananyamakulu: ekigambo ekirina amakulu agafaanana oba ageekuusa ku g’ekigambo ekirala. Kino tekitegeeza nti kisobola okweyambisibwa buli wamu kiri we kikozeserezebwa.

omuyungiro: omugatte gw’ebintu ebikolera (ebigendera) awamu nga ekirimba.

ekitegeero: amakulu oba entegeera eba yeerimbise mu kintu oba ekigambo.

olweyongerero: omuyungiro ogulimu ebigambo ebiddiringana okuva ekintu we kitandikira, ne kigenda mu maaso okutuuka nga kiwedde, okugeza; obuto, obuvubuka, obukadde,okufa.

ekitobeko: ekigambo ekifaanagana n'ekirala naye nga byaawukanamu katono mu mpandiika ne/oba enjatula.

enkuluze ey'ekiruubirirwa eky'awamu: enkuluze efa ku lulimi lwonna nga tenokolayo kisaawe kimu.

enkuluze ey'ekiruubirirwa eky'enjawulo: enkuluze ekwata ku kintu (kisaawe) ekimu, nga; obuwangwa, obusuubuzi oluyaaye n'ebirala.

nnannimibbirye: enkuluze ey'ennimi ebbiri. Ebigambo ebinnyonnyolwa biba biweebwa mu lulimi olumu ate nga binnyonnyolerwa mu lulala.

2.0 OKWEKENNEENYA EBIWANDIIKO EBYEKUUSA KU MULIMU

Enkuluze nnyingi ezizze ziwandiikibwa okuviira ddala eyo mu makkati g'ekyasa eky'ekkumi n'omukaaga. Weewaawo enkuluze zino ezaasooka okuwandiikibwa zaalinga nkalala bukalala za bigambo ezikyusa ebigambo by'olulimi olumu okubizza mu lulala. Noolwekyo omuntu omu yandigambye nti zaali tezituukiriza bisaanyizo bya nkuluze.

Landau (1989 : 37) kino akikkaatiriza bw'agamba nti:

> "The earliest word reference books for English speaking people were bilingual glossaries that provided English equivalents for
> Latin or French words."

ekivvuunulwa nti:

> "enkuluze z'aboogezi b'Olungereza ezaasooka byali bitabo bya
> nkalala za bigambo bya Lulattini oba Olufalansa nga
> biweereddwako eby'Olungereza ebikongojja amakulu gaabyo."

"Enkuluze" zino zirabika nga zaayambanga boogezi ba Lungereza okuyiga ebigambo by'Olulattini oba Olufalansa. Wabula era nabo zaabayambanga kitono olw'okubanga tezaamalangayo lulimi. Waliwo ebigambo mu lulimi olumu nga

tebirina bikongojja makulu gaabyo butereevu mu lulimi olulala (direct equivalents), noolwekyo ebyo tebyafiibwangako era nga ne Gorman (1972 : iii) bw'agamba:

> "It is rarely possible to identify two terms in different languages that are completely equivalent in meaning, even when the languages concerned share a common social and cultural heritage"

ekivvunulwa nti:

> "Kizibu okusanga ebigambo ebibiri mu nnimi ez'enjawulo nga bifaanaganira ddala mu makulu, ne bwe kiba nga ennimi ezivunaanyizibwako zifaanaganya ensibuko"

Kino kyawaliriza abantu okulaba obuzibu obwali mu kumala gawandiika nkalala za bigambo nga baziyita enkuluze era ne bassa kaweefube mu kuwandiika enkuluze zennyini.

Mu bbanga eryaddako, abantu baalaba omugaso ogwali mu nkuluze ezeesigamiziddwa ku bitegeero, ate oluusi nga za kiruubirirwa kya njawulo, okusinga ezo ezisengekeddwa ekiwalifu.

McArthur (1982) yawandiika enkuluze etegekeddwa okusinziira ku bitegeero. Mu nkuluze eno, aleeta wamu ebigambo ebirina amakulu agafaanagana n'abissa mu birimba wamu n'amakulu gaabyo. Alagiramu ebyokulabirako ebiraga obufaanane n'obukontanyi bwabyo. Mu kirimba muyinza okubaamu ebigambo ebifaanana oba ebikontana mu makulu. Noolwekyo enkuluze ye eyamba abantu okumanya engeri y'okweyambisaamu ebigambo na wa we balina okubyeyambisiza. Yafa ku birimba by'amakulu kkumi na bina, nga muno mulimu ebigambo omutwalo gumu n'ekitundu.

McArthur (1982 :vi) ayoleka endowooza enkyamu eriwo ku ntegeera y'enkuluze bw'agamba nti:

> "Indeed, most of us think about word books as 'dictionaries', and dictionaries as, necessarily, having an alphabetical order. There has, however, been an alternative tradition, in which compilers have used groups of topics instead of the alphabet as their basis for organization"

ekivvuunulwa nti:

> "Mu butuufu bangi ku ffe tulowooza ku bitabo by'ebigambo nga 'enkuluze', ate ne tutwala enkuluze nti zirina kuba nga zisengekeddwa kiwalifu. Wabula, waliwo enkola endala, abategesi b'enkuluze mwe beeyambisiriza ebirimba

by'ebigambo mu kutegeka enkuluze zaabwe mu kifo ky'okweyambisa walifu".

Roget (1966) yawandiika enkuluze ekwata ku birimba by'enfaananyamakulu (synonyms). Etegekeddwa mu mitwe, egirimu ebigambo ebigya obulungi mu bwebungulule obumu. Alina emitwe lwenda mu kyenda (990) egiweereddwa amannya amannyonnyozi, nga wansi waagyo, ebigambo ebifaananya amakulu bimenyeddwa era ne ginnyonnyolwa. Enkuluze eno eyamba nnyo omuntu ali mu matigga ng'abuliddwa eky'okwogera oba okuwandiika.

Roget (1966 :……..) akkaatiriza obukulu n'omugaso gw'enkuluze ey'ekika kino bw'agamba nti:

"A writer, or other user of words, in the throes of composition, conscious of what he wants to say but at a loss for a word that will best express it, gratefully turns for help to the work of reference which has what he needs… he consults a thesaurus".

ekivvuunulwa nti:

"Omuwandiisi, oba omuntu yenna eyeeyambisa ebigambo, ng'ali mu matigga ng'awandiika oba nga ayogera, ng'amanyi ky'ayagala okwogera, wabula

ng'abuliddwa ekigambo ekiyinza okukiggyayo obulungi, anoonya obuyambi mu tterekero ly'ekyo ky'ayagala… yeeyunira enkuluze ey'ebitegeero".

Comenius (1631) yawandiika enkuluze ekwata ku ddiini ***Janua Linguarum Roserata***. Yafuna emitwe kikumi (100). Mu kibinja ekimu yagendanga assaamu ebibinja ebirala eby'ebigambo ebifaananya amakulu.

Enkuluze zino zonna zirabika nga zifa nnyo ku bigambo ebifaananya oba ebikontanya amakulu. Omunoonyereza noolwekyo ye yayawukanako ku bano, kubanga ye yakizuula ng'ekigambo okunnyonnyolwa ne binnaakyo bwe bifaananya amakulu tekituusa mukozesa wa nkuluze mangu ku makulu gaakyo. Wabula amakulu gasinga kufunibwa ng'ekigambo ekyo kisangiddwa awo mu nziringana yaakyo n'ebigambo ebirala bwe biri mu lweyongerero olumu.

Mu Luganda nga bwe kyayogeddwako mu nnyanjula, enkuluze ez'engeri eno tezinnaba kuwandiikibwamu, wabula waliwo enkuluze ez'engeri endala ezizze ziwandiikibwa okuva eyo ku ntandikwa y'ekyasa eky'amakumi abiri. Enkuluze zino zonna za nnimi bbiri. Waliwo n'ebitabo ebirala ebitali nkuluze wabula nga biwa ekifaananyi ku mulimu omunoonyereza gwe yakolako. Enkuluze zino awamu n'ebitabo ebyo byetaaga okwekenneenya newankubadde nga tebifaananira **ddala** mulimu gwa munoonyereza.

Le Veux (1917) yawandiika enkuluze eyasookera ddala mu lulimi Oluganda ***Premier essai de Vocabulaire Luganda-Francais***. Enkuluze eno etwalibwa okuba nga y'ekyasinze ettutumu mu Luganda era ng'endala zonna ezizze ziwandiikibwa zeesigamiziddwa ku eno.

Murphy (1972 :ix) akakasa omulimu gwa Le Veux bw'agamba nti:

> "Premier essai de Vocabulaire Luganda-Francais, The most comprehensive dictionary of the Luganda language and the major source for all subsequent dictionaries."

ekivvuunulwa nti:

> "Premier essai de Vocabulaire Luganda-Francais, Enkuluze y'olulimi Oluganda esinga obugazi era okwesigamye enkuluze endala zonna ezizze ziwandiikibwa."

Doke (1860 : 12) naye ayongerea okukkaatiriza obukulu n'obunyuvu bw'enkuluze ya Le Veux. Agamba nti:

> "Father Le Veux's dictionary may be reckoned among the dozen or so really important Bantu dictionaries; and we may consider that Le Veux has

> contributed more than anyone else to an exact knowledge of the Ganda language"

ekivvuunulwa nti:

> "Enkuluze ya Father Le Veux eyinza okutwalibwa nga emu ku nkuluze z'Ekinnabantu ekkumi n'ebbiri oba okusingawo ezisinga omugaso; era tuyinza okukitwala nti Le Veux akoleredde nnyo amagezi g'olulimi Oluganda okusinga omuntu omulala yenna."

Kitching ne Blackledge (1952) baawandiika enkuluze ***A Luganda-English and English-Luganda Dictionary***. Enkuluze eno ekyusa Oluganda mu Lungereza ate n'Olungereza mu Luganda. Obukulu bw'enkuluze eno bwo busingako ku bw'enkuluze endala ezaawandiikibwa mu kiseera ekyo, kubanga yo esobola okuyamba aboogezi b'ennimi zombi nga bayiga olulala.

Snoxall (1967) yawandiika enkuluze ekyusa Oluganda mu Lungereza. Professor A.N. Tucker ow'omu School of Oriental and African Studies, mu University of London yamuyambako mu kuteekako ebigobererwa mu kwatula.

Murphy (1972) yeeyambisa nnyo enkuluze ya Snoxall bwe yali ng'awandiika eyiye ***Luganda-English Dictionary*** erabika nga tekyuka nnyo ku y'oli.

Enkuluze ezaakawandiikibwa mu lulimi Oluganda zirabika nga zirina obwannyinoomu obulabikirawo. Zonna za nnimi bbiri, zisengekeddwa kiwalifu ate nga zirina ekiruubirirwa eky'awamu. Noolwekyo omunoonyereza yakizuula nga wakyaliwo eddibu ery'amaanyi mu lulimi Oluganda n'obwetaavu bw'okuwandiikayo enkuluze ey'olulimi olumu, ng'erina ekiruubirirwa eky'enjawulo era nga yeesigamiziddwa ku bitegeero.

Walusimbi (1999 :1) annyonnyola ebyobuwangwa ng'abyesigamya ku mbeera z'abantu ab'awamu era ng'alaga obukulu bw'olulimi mu byobuwangwa. Agamba nti:

> "Bwe twogera ekigambo **ebyobuwangwa** tutegeeza embeera z'abantu ab'oluse olumu, oba ab'eggwanga erimu. Embeera eno ng'ezingiramu ebintu byonna bye bakola ebifaanagana era ebibaawula ku Bantu ab'amawanga amalala. Ekisingira ddala obukulu mu byobuwangwa lwe lulimi. Olulimi ye nkuluze y'ebyobuwangwa."

Amenya ebintu bingi ebisangibwa mu byobuwangwa nga empisa, obulombolombo, okufumbiriganwa emizannyo, emirimu, eby'emisango n'ebirala. Alondayo ekirimba kimu mu ebyo "okufumbiriganwa" n'alaga entambula yaakwo okuviira ddala ku ntandikwa okutuuka gye kukomekkerezebwa.

Kaggwa (1905) yawandiika ekitabo ekikwata ku byobuwangwa by'Abaganda ebikulu. Atunuulira ebirimba by'ebyobuwangwa amakumi asatu ebigazi ddala: empisa z'e Magonga, okusika kwa Kabaka, okukula kwa Kabaka, Bassekabaka, okuwasa kwa Kabaka, Nnabikande ne Bayomba, olubiri lwa Kabaka, ekiwendo, olutabaalo, omusolo, entebe za Kabaka, okufumbirwa, okwekuuma kw'abakazi, abalongo, emmere ey'emizizo, olumbe, Balubaale n'abalaguzi, emisango, obuyizzi, ekirayiro, ebyambalo, emizannyo, ebivuga n'ennyimba, obuvubi, obubazzi, empingu, emirimu emirala, okwekuuma, engeri z'abantu, n'ekitiibwa kya Kabaka. Omwo mw'agenda alambululira buli kalonda akwata ku kintu ekyo, okuva gye kitandikira okutuuka gye kiggweera.

Nsobya mu kitabo kye ***The New Kiganda Mathematical System for Astronomical Calculations***[1] alaga ebigambo by'Abaganda ebikozesebwa mu kubala okulabika nga kwa kikugu. Ebigambo bye bino tamala gabikubawo wabula alambika bulungi ensonga ezaaviirako enkozesa yaabyo. Ebigambo ebyo yabissa mu lukalala ku luuyi olumu ate ku lulala n'assaayo eby'Olungereza ebitegeeza ekimu n'eby'Oluganda by'akolako.

2.1 OBUKODYO N'EMPENDA

i. Omunoonyereza yeeyambisa nnyo ebibuuzo eby'omumwa. Yatuukirira abantu, naddala abakulu abasangibwa mu byalo abalabika nga bamanyifu

[1] Omwaka mwe kyafulumira tegulagibwa.

mu mirimu, emikolo n'ebyobuwangwa ebirala, n'ababuuza engeri gye bakolamu oba gye baakolangamu ebintu ebyo.

ii. Omunoonyereza naye yeenyigira mu kwetegereza ebintu ebimu nga bikolebwa n'akakasiza ddala engeri gye bikolebwamu.

iii. Ebyo waggulu omunoonyereza kwe yagatta okusoma ebitabo eby'enjawulo ebyekuusa ku mulimu gwe , nga enkuluze ezaasooka okuwandiikibwa, ko n'ebitabo by'obuwangwa.

Omunoonyereza yeeyambisa nnyo ebbago ly'enkuluze ewandiikibwa mu ***Makerere Institute of Languages*** mu kufuna ebigambo ebimu awamu n'amakulu gaabyo.

3.0 OKUGEZESA EBYATEEBEREZEBWA

3.1 ENNYANJULA

Enkuluze eva mu kunoonyereza kuno yandiba nga y'esookedde ddala mu lulimi Oluganda mpozzi ne mu nnimi za Uganda endala enzaaliranwa. Enneeyambisa y'enkuluze eno eyawukanira ddala ku nneeyambisa y'ezo eziriwo mu nnimi zino. Noolwekyo kigwanidde omukozesa waayo asooke yeetegereze bulungi ebisooka bino (endagiriro) ebiweereddwa wammanga okusobola okugifunamu obulungi.

3.2 ENNEEYAMBISA Y'ENKULUZE

3.2.1 Ensengeka n'ennamba

Enkuluze erimu enneeyongerero kkumi. Buli lweyongerero lulimu ebigambo ebinnyonnyoleddwa amakulu wansi waabyo. Ebirimba byonna, buli kimu kirambiddwa okusinziira ku nnukuta z'ekiwalifu, mu ngeri eno;

KLA ABALONGO. Ennukuta esooka eyimirirawo ku lw'ekibinja ky'ebyobuwangwa olweyongerero mwe luba lugwa. Eyookubiri ku lw'omuyitiro (medium) gw'ekirimba ekyo; luyinza okuba olukalu(L), amazzi(M) oba ebbanga(B). Ennukuta esembayo yo ya nsengeka ya kiwalifu.

Ebigambo kinnakimu nabyo birambiddwa mu bibinja byabyo okusinziira ku nnukuta ezirambiddwa ku linnya ly'olweyongerero ekigambo mwe kiba kigwa, nga

zigattiddwako omuwendo, ogulaga ekifo mwe kisangibwa mu bigambo ebirala bwe biri mu lweyongerero olumu nga wano; **KLA001 omulongo**

3.3.0 OKUZUULA EBIGAMBO N'AMAKULU GAABYO

Ebigambo n'amakulu gaabyo bisobola okutuukikako mu ngeri bbiri:

3.3.1 Okweyambisa ebirimba

Buli kirimba kirambiddwa n'ennukuta ssatu era nga eyookusatu eraga nsengeka ya kiwalifu mu ngeri eno; **KLA**. Omuntu bw'aba amanyi ekirimba ekigambo mwe kisangibwa, asobola okukebera omuko okusangibwa ekirimba ekyo mu ndagiriro eweereddwa ku ntandikwa n'agenda butereevu ku muko/miko egyo n'anoonyaamu ekigambo ky'ayagala.

3.3.2 Okweyambisa enkookero y'ekiwalifu

Ku nkomerero y'enkuluze eteereddwayo olukalala lw'ebigambo byonna nga bisengekeddwa kiwalifu ku ludda olumu, ate ku lulala ne wabaayo ennamba zaabyo ez'ennukuta n'emiwendo (alphanumerical codes). Omweyambisa noolwekyo alina okugoberera emitendera gino wammanga okutuuka ku kigambo ky'ayagala.

i. Kebera ekigambo ky'oyagala mu lukalala lw'ekiwalifu ofune ennamba yaakyo.
ii. Genda ku ntandikwa mu "ebirimu" olabe omuko okuli olweyongerero ekigambo ekyo mwe kigwa.

iii. Weeyambise omuwendo gw'ekigambo ekyo okebere we kiri mu lweyongerero ofune amakulu gaakyo.

3.4 EBIGAMBO EBIGWA MU BIRIMBA EBINGI

Ekigambo bwe kiba nga kigwa mu birimba ebisukka mu kimu, era kyayingizibwa emirundi egyo gyonna mu lukalala lw'ekiwalifu, kubanga ennamba yaakyo eba ya njawulo mu buli kirimba mwe kisangibwa.

3.5 EBIGAMBO EBIGATTE

Waliwo amannya, ebikolwa oba ebigambo ebirala ebifunibwa oluvannyuma lw'okugatta ebigambo bibiri oba okusingawo ebyetongodde. Ebigambo bino bisobola okuwandiikibwa nga byawuddwa nga: **ssaalongo omukulu, okusamba ebbumba** oba nga bigattiddwa wamu nga: **kayeyokatono.** Ebigambo bino biweereddwa embu z'ebigambo mwe bigwa. Olubu lw'ekigambo eky'engeri eno lulabika nga lufugibwa olubu lw'ekigambo ekisooka ku bigambo ebikikola.

3.6 EBIFUNZE EBYEYAMBISIBWA MU NKULUZE.

L	1. Ebyobuwangwa ebirabwako (ng'eri mu kifo ekisooka)
	2. Omuyitiro gw'oku lukalu (ng'eri mu kifo ekyokubiri)
K	Ebyobuwangwa nnankolagana
W	Ebyobuwangwa nnabirowoozo
M	Omuyitiro gw'omu mazzi
l	Linnya
kk	Kikolwa
ew	Nnakeewuunya
tbk	Kitobeko

KLA ABALONGO

KLA001 omulongo *l* [1mu/2ba]

omu ku baana ababiri abazaalibwa omulundi ogumu.

KLA002 ssaalongo *l* [1mu/2ba]

omusajja azadde oba azaala abalongo.

KLA003 nnaalongo *l* [1mu/2ba]

omukazi azadde oba azaala abalongo.

KLA004 omulubaale *l* [1mu/2ba]

omuntu, mu ddiini y'Abaganda ey'ennono, asobola okuwuliziganya obutereevu ne balubaale, era ng'asobola okuteebereza ebinaabaawo mu maaso n'okukola ebintu ebirala ebisusse obw'omuntu. Ew'ono ssaalongo gy'alaga okulagulwa ng'obudde, era omulubaale amugamba bw'ati: "Genda olabe emmandwa ya Muwanga y'enaakuggala".

KLA005 emmandwa *l* [9n/10n]

omusamize oba kabona wa lubaale omu. Omuntu lubaale mw'ayita okwogera eri abantu era nabo mwe bayita okwogera ne lubaale. Noolwekyo emmandwa ya Muwanga, ye muntu Muwanga mw'ayita okwogera eri abantu era n'abantu mwe bayita okwogera ne Muwanga.

KLA006 Muwanga *l* [1mu]

lubaale w’Abaganda omukulu. Ye mugabi era y’awanga buli kimu. Abaana oba abalongo tebayinza kwalulwa nga Muwanga taliiwo. Ekiggwa kye kyabeeranga Nseke mu Mawokota.

KLA007 okulagula *kk*

omulubaale okuwa ssaalongo amagezi oba okumubuulira ky'alina okukola.

KLA008 okubika abalongo *kk*

ssaalongo okugenda n'ategeeza kitaawe oba eyasikira kitaawe nga bw'azadde abalongo. Kino akikola nga wayiseewo ennaku bbiri ng'avudde ew'omulubaale okulagulwa.

KLA009 ssaalongo omukulu *l* [1mu/2ba]

omwana omulenzi gwe bawa ssaalongo ewaabwe ng’agenze okubika abalongo n’ajja naye era ono y’akola omukolo gw’okugalama.

KLA010 lubuga *l* [1mu/2ba]

omwana omuwala kitaawe wa ssaalongo gw’amuwa wamu ne ssaalango omukulu. Ono y’aba azze okuyamba ku nnaalongo mu kulabirira abaana.

KLA011 nnaalongo omukulu *l* [1mu/2ba]

omuwala omuto aggyibwa ku ludda lwa nnaalongo, era ono y’akola emikolo egisinga obungi nnaalongo gye yandibadde akola. Apollo Kaggwa ye agamba nti nnaalongo yennyini kazaalabaana ye nnaalongo omukulu.

KLA012 okuggala *kk*

(omulubaale eyalagula ssaalongo) okujja n'akiika oluggi lwe mu mulyango era n'amutemera n'ebituli bibiri ku nnnyumba ye emmanju n'akolawo ekisenge.

KLA013 ekibululu *l* [7ki]

ekisenge eky'emmanju ekibaamu enzikiza, ekiba kikoleddwawo mu kaseera ako nga beeyambisa ekintu nga eggigi okwawula mu kisenge ekimu ekiba kiriwo. Muno nnaalongo

ne baganda be ababa bazze okuzina abalongo mwe babeera.

KLA014nnakitembe *l* [1mu/8bi]

ekitooke ekirina omuzingoonyo ogulina langi eya kakobekobe gye gusembera ne ku ndagala.

KLA015 ebbombo *l* [5li]

kika kya muddo ogukula gulandira wansi. Gulina ebikoola ebigazigazi era nga bya kiragala nnyo. Guno ssaalongo aguzingirira ku nkota y'ettooke lya nnakitembe gy'abba ew'omulubaale eyamuggala n'agissa mu ddiiro. Ab'e Buddu baguyita **"lujjula".**

KLA016 okutala amajoba *kk*

okumwa ebiba bina mu mutwe. Olukoloboze olumu lumwebwa nga luva mu kyenyi ne lutuukira ddala enkoto, ate olulala ne luva ku kutu okw'oludda olumu, okutuuka ku lw'oludda olulala. Ssaalongo n'abantu be be batala amajoba nga ssaalongo amaze okussa ettooke mu ddiiro.

KLA017 endege *l* [9n/10n]

akade akatonotono akasibwa ku kugulu ne kagenda nga kavuga, omuntu bw'aba ng'atambula. Ssaalongo n'abantu be babusiba ku magulu gaabwe, buli we bayita baleme okubakubako.

KLA018 empogola *l* [9n/10n]

ettooke eritali ppaate. Zino abantu ze balya okutuusiza ddala nga bamaze okulya embuzi ey'omugerengejjo.

KLA019 okutuzza *kk*

(omuntu) okubeera ng'akoona ku ngoma kyenkana buli katikitiki kamu nga kayiseewo. Ssaalongo atuzza engoma okutuusiza ddala ng'omwezi guweddeko.

KLA020 ekisenso *l* [7ki/8bi]

ensansa eziyuziddwayuziddwa ne zisibwamu ekintu ekyesibwa abazinyi mu kiwato nga bagenda okuzina. Omwezi bwe guggwaako nga ssaalongo atuzza engoma, olwo n'alyoka alagira baganda be ne batema ebisenso.

KLA021 essaaniiko *l* [5li]

endagala ezifumbisiddwako. Ekisenso kya nnaalongo kyo bakikola mu ssaaniiko.

KLA022 empongoloni *l* [9n/10n]

engule eriko ebyoya by'enkusu gye bakolera ssaalongo omukulu n'agitikkira ku mutwe gwe.

KLA023 embuzi ey'omugerengejjo *l* [9n/10n] embuzi ssaalongo gy'atta ekiro ng'omwezi omulubaale gwe yamulaga gubonese, n'eriibwa era olumala okugirya ne bagenda ku ttale okugalama. Abantu ababa bayenze tebalya ku mbuzi eno.

KLA024 okugalama *kk*

(ssaalongo) okuggya ekiwottonono nnaalongo ky'aba abisse ku kinnyi kye (ng'agalamidde bugazi), nga yeeyambisa obusajja bwe. Kino kikolerwa ku ttale ng'abantu bakubye amabega nnaalongo gy'aba agalamidde.

KLA025 ekinnyi *l* [7ki/8bi]

ebitundu by'omukazi eby'ekyama.

KLA026 ekiwottonono *l* [7ki/8bi]

ekikuta ky'oku mpummumpu. Kino nnaalongo ky'abikka wamberi, ssaalongo n'alyoka akimuggyako.

KLA027 ekitanyi *l* [7ki/8bi]

omwana ow'emabega. Bwe bamala okugalama, omutaka eyaggala ssaalongo atwala ebitanyi ku ttale

n’abifugika mu masiga agaafumbibwangako emmere ng’abalongo tebannazaalibwa.

KLA028 okufugika *kk*

okukweka oba okussa ekintu wansi w’ekirala oba munda waakyo.

KLA$_1$029 gawuga *ew*

embuuza omutaka ava okuziika abalongo abaafa nga bato gy’akozesa ng’abuuza ssaalongo. Amubuuza bubuuza nti “Gawuga?” naye n’amuddamu nti “Gawuga”, olwo ne yeddira ewuwe.

KLA030 entujjo[1] *l* [9n/10n]

engoma ezikubibwa nga bazina. Mubaamu enkalabizi emu, kangujunguju emu ne kakalaba emu. Ssaalongo asooka kuzikubira wuwe, n’agenda ew’omulubaale eyamulagula, olwo n’atandika okuzikuba buli lunaku.

KLA031 entujjo[2] *l* [9n]

ekinyumu ekyo ekibaamu okukuba engoma entujjo[1]. Kiba kya maanyi era abamu bafunamu ne bannaabwe ne bafumbiriganwa.

KLA032 okukiga *kk*

okuzina.

KLA033 okumenya olukanda *kk*

ssaalongo okugenda mu lutabaalo n’enviiri ze yamwanga ng’atala amajoba, enjala ze yasala ku ngalo ze, ekirevu, eby’enkwawa, ebbombo n’olubugo lwe yaziniramu abalongo ng’abigasse wamu, n’abisiba mu mulambo gw’omuntu gw’asooka okutta. Kino kyabangawo ssinga Kabaka yagabanga olutabaalo nga ssaalongo azina abalongo.

KLA034 akalira *l* [12ka/14bu]

akatundu akakutulwa ku mukundi gw’omwana omuto. Bwe bamala

okunaaza abaana nga beeyambisa omwenge, amazzi n'amata, baddira akalira ne bakagatta n'obulezi ne babiteeka mu biwero bye baba batunzeeko n'emikono nga olugoye.

KLA035 ensinda *l* [9n/10n]

ensigo eyabbululu egattibwa n'obulira bw'abalongo, olulimi lw'enkoko enjeru, n'ebbombo ekkalu ekkunye, ne biterekebwa wamu butiribiri. Bino nabyo babiyita balongo.

KLA036 obulezi *l* [14bu]

ebbombo ekkalu (ekkunye) nga ligattiddwa n'empeke z'ensinda n'olulimi lw'enkoko enjeru, ne biterekebwa wamu.

KLA037 ennoga *l* [9n]

ekitole ky'emmere ekinyigiddwamu akannya n'engalo ennene, ekikozebwa enva ne ziregama mu kannya ako. Bwe bamala okuyimbira ewa kitaawe wa ssaalongo, baleeta emmere era kitaawe wa ssaalongo n'akoza ennoga n'agiwa nnaalongo era ne nnaalongon'akola kye kimu.

LLB OBUBAZZI (AMAATO)

Abaganda babajja ebintu ebiwerako. Omunoonyereza teyatunuulira bubazzi bwonna kubumalayo. Yalondobayo obubazzi bw'amaato ag'oku nnyanja, ne bukiikirira ebibajjibwa ebirala byonna mu Buganda. Mulimu emitendera omuntu owabulijjo gy'ayitamu, wabula ate era mulimu emitendera egiyitwamu ng'eryato lya Kabaka, so nga tegiyitwamu bwe liba ery'omukopi. Ne ku muntu owa bulijjo emitendera tegifaananira ddala mu bantu ab'enjawulo. Omunoonyereza yafuna omugatte gw'emitendera gino gyonna n'afunamu omuyungiro ogw'awamu. Yagoberera okuva ababazzi we batemera omuti okutuuka eryato bwe liggwa nga lirindiridde kukozesebwa

LLB001 omuvule *l* [3mu/4mi]

kika kya muti ogusalwamu embaawo. Gugejja nnyo era tegutera kuliibwa nkuyege. Guno gwe batema ne bagubajjamu omugongo.

LLB002 amawata *l* [6ma]

ekifo awatemwa omuti ogw'okubajjamu eryato.

LLB003 nnankungo *l* [9n/10zi]

embuzi Gabunga oba omuntu omulala Kabaka gw'aba alonze gy'agenda nayo ng'agenda okutema omuvule (eryato bwe liba erya Kabaka). Embuzi endala eyitibwa Balyamanyama.

LLB004 enda *l* [9n]

munda w'eryato.

LLB005 omugongo *l* [3mu/4mi]

ekitundu ky'eryato ekibajjibwa mu nduli y'omuvule ng'egenda esokoolwamu ebibajjo mpolampola, ekikola nga entobo y'eryato era okuyungibwa embaawo endala waggulu waakyo.

LLB006 omutima *l* [3mu/4mi]

ekitundu ekya wakati mu nduli y'omuti. Kiba kigonvugonvu era nga kisobola okutereka amazzi amangi okumala ebbanga eddene. Bwe baba babajja omugongo noolwekyo, omutima bagusokoolamu ne guggweeramu ddala okwewala eryato okuvunda amangu.

LLB007 omutwe *l* [3mu/4mi]

ekitundu ky'eryato eky'omu maaso, ekikulembera ng'eryato litambula.

LLB008 olulimi *l* [11lu/10n]

akati akatono era nga kawanvu akabeera wansi ddala ow'omugongo gw'eryato era kuno ekiwenda ky'ebulumba kwe kiruma.

LLB009 ensanda *l* [9n/10n]

ekitundu ky'eryato ekiyitamu nga kisooloobye mu maaso.

LLB010 olubanga *l* [11lu/10n]

ekifo omuntu yenna ali mu lyato mw'atuula.

LLB011 ebulumba *l* [23e]

emabega w'eryato era ebeera olubanga lw'omugoba gy'atuula.

LLB012 omugoba *l* [1mu/2ba]

omuvuzi w'eryato.

LLB013 okukyamira *kk*

okutema oba okubajja.

LLB014 omuyovu *l* [3mu/4mi]

omuti ogusinga okubajjibwamu amabaasi. Guba mumyukirivu, muwanvu nnyo era nga guvaamu embaawo eŋŋumu ennyo. Omuti omulala ogukozesebwa ennyo y'enkoba.

LLB015 ebbaasi *l* [5li/6ma]

olumu ku mbaawo eziyungwa oba ezisibwa waggulu ku mugongo. Oba olubaawo olusooka ku mugongo gw'eryato eruuyi n'eruuyi.

LLB016 omusa *l* [3mu/4mi]

ekitundu ky'omuti ekya waggulu eno awaliraanye amatabi.

LLB017 ekikolo *l* [7ki/8bi]

ekitundu ky'omuti ekya wansi eno awaliraanye enkolo yaagwo. Bwe baba babajja amabaasi, basima olusalosalo nga luva ku musa okutuukira ddala eno ku kikolo.

LLB018 empano *l* [9n/10n]

Akamu ku buti obusongovu obukubwa mu lusalosalo olusimwa mu muti okusobola okugugaziya.

LLB019 okulima *kk*

okusokoola olusalosalo. Kino bakikola nga beeyambisa embazzi eba ewangiddwa nga enkumbi.

LLB020 oluwero *l* [12lu/10n]

olumu ku mbaawo ezisibwa waggulu ku mabaasi. Oba olubaawo oluddako oluvannyuma lw'ebbaasi eruuyi n'eruuyi.

LLB021 omutuusa *l* [1mu/2ba]

oyo asiba eryato (alisiba amabaasi, empero n'ebirala) n'okulirongooseza ddala okutuusa nga liwedde.

LLB022 enjeyo *l* [9n/10n]

embazzi omutuusa gye yeeyambisa okubajja enku ezaasigalira wakati

w’omugongo era n’okubajja mu mabbali g’omunda.

LLB023 enku *l* [10n]

ekinyama ky’omuti ekinene ekiba kisigadde mu mugongo nga kyetaagisa okutemamu, omugongo gugaziwe n’okuwewuka.

LLB024 kikumbi *l* [9n/10zi]

embazzi ebeera engazigazi nga enkumbi ensimu, esibibwa ku muyini omumpimpi, omutuusa gye yeeyambisa okulongooseza ddala omugongo ne gunyirira bulungi.

LLB025 kayeyokatono *l* [9n/10n]

embazzi efaanana nga eyasa enku, eyeeyambisibwa okutemaatema emmanga ezituulwako nga bavuga eryato.

LLB026 okuluma *kk*

(olubaawo) okuyingira ne lugya era ne lunywerera bulungi awo we lusibirwa.

LLB027 kayozo *l* [9n/10n]

akabazzi akatono, kabeera n’amannyo abiri agalinga amakabi naye nga galina obwogi wakati. Keeyambisa okuyola kungulu ne kirabisa bulungi enjola z’eryato.

LLB028 enjola *l* [10n]

amatiribona agabajjibwa kungulu kw’eryato nga gafaanana nga obusalosalo obwenyoolanyoola, okusobola okulinyiriza.

LLB029 omulumyo *l* [3mu/4mi]

Laba **OMUWUNDA**

LLB030 omuwunda *l* [3mu/4mi]

ekyuma ekiba ekisongovu ennyo nga kiriko n’obwogi obuwanvuko, kyenkana nga oluta lulamba, ekyeyambisibwa okuwummula entuli ezisibirwamu amabaasi n’empero.

LLB031 okukondera *kk*

okunyiriza obulungi omugongo, kungulu ne munda.

LLB032 olusinga *l* [11lu/10n]

akaso akaweweevu akakozesebwa okusiba n'okunywereza amabaasi ku mugongo. Baziyisa mu ntuli eziba zaawumuddwa edda.

LLB033 eggalwe *l* [5li]

entoloogano (z'ebyayi) ezissibwa mu bugattiro bw'omugongo n'amabaasi okusobola okumaliramu ddala obutulituli obuyinza okuba nga bwasigalamu mu kugatta.

LLB034 akamba *l* [8bu]

omuti ogutemwamu obubajjo obuteekebwa kungulu kw'obugattiro bw'amabaasi n'omugongo.

LLB035 omunyolo *l* [3mu/4mi]

olukugiro lw'omugongo n'olw'amabaasi.

LLB036 empamba *l* [9n/10n]

oluti olutonotono olubajjibwa nga lwetooloovu, era nga lusongovu, olukubwamu entuli omuyisibwa ensinga okusobola okunywereza ddala obulungi ebika.

LLB037 okukonja *kk*

okusonseka oba okunyigiriza eggalwe mu ntuli z'amabaasi nga gamaze okussibwamu empamba, amazzi galeme okufulumirangamu.

LLB038 omufulubwa *l* [3mu/4mi]

kika kya muti ogusinga okukolwamu emmanga, kubanga teguwumba.

LLB039 nkuzi *l* [9n]

ekitundu ky'omutwe gw'olubanga ekifuluma ebweru w'eryato. Omutuusa agukulunga bulungi ne guba mwekulungirivu.

LLB040 essa *l* [5li/6ma]

akamu ku bunnya obutemebwa ku mpero, obusobozesa empero okugya obulungi mu mmanga eziba zimaze okuwangibwamu.

LLB041 okwola *kk*

okulongoosa eryato n'akabazzi akatono ne lirabika bulungi nga teririiko bugulumbyegulumbye.

LLB042 eggami *l* [5li/6ma]

omuti ogugatta eryato emutwe. Gubeera musongovu era nga guyitamu ekitundu kya nta nga bbiri eruuyi n'eruuyi.

LLB043 ekiyiwo *l* [7ki/8bi]

ekifo mu lyato awasenerwa amazzi agayingira mu lyato. Mu kifo kino wabeerawo emmanga mukaaga.

LLB044 ekiwembo *l* [7ki/8bi]

omuti ogubajjibwamu ensalosalo omuyingira embaawo ez'ebulumba, n'ez'emutwe.

LLB045 ekiwenda *l* [7ki/8bi]

omuti ogubeera gwesimbye ebulumba ate n'emutwe, omuyingira ebitundu by'amabaasi n'eby'empero. Bakibajja nga kijja kisondowala okuva wansi gye kigattira ku mugongo okutuuka waggulu, era waggulu gye kikoma, bakulungayo akatwe akafaanana nga omutwe gw'olubanga era ne bakoolako enjola ezifaanana nga amannyo g'ensaamu. Ekiwenda eky'ebulumba kyo bakirumya ku lulimi kwennyini.

LLB046 ggerenge *l* [1mu]

ettaka erimyukirivu, eritabulwa n'omubisi gw'emberenge, ne binnyikwamu eggalwe ly'ebyayi ne

byeyambisibwa okusiiga eryato ku mpero, n'ebitundu ebirala ebitayingira mu mazzi.

LLB047 kikulwa *l* [1mu]

Laba **GGERENGE**

LLB048 mupala *l* [1mu]

Laba **GGERENGE**

LLB049 eddindi *l* [5li/6ma]

omuti okutemebwa ekitundu ne kusibwako ebyoya by'olusove n'eby'enkoko ebimyufu, ne kiwangibwa ku muti gw'enzo ogwasimbibwa mu mayembe wakati, ng'ekigendererwa kya kwongera kunyiriza lyato.

LLB050 olusove *l* [11lu/10n]

kika kya kinyonyi, kirina obulago obuwanvu ne langi enzirugavu, kibeera nnyo okumpi n'ennyanja era kirya ebyennyanja.

LLB051 enkuyi *l* [9n]

ebyoya by'olusove (ebiddugavu) n'eby'enkoko ebimyufu nga bigattiddwa wamu. Bino bye bisibwa ku ddindi, ne liwangibwa ku muti gw'enzo ogwasibibwa mu mayembe wakati.

LLB052 ekisaggo *l* [7ki/8bi]

oluwuzi olusibiddwako ensimbi ennyingi. Nnannyini lyato ng'aliwunda, addira ekisaggo ky'ensimbi n'akisiba ku kikuzzi ekiri ku ddiba eriba limaze okuzingirirwa ku kituttwa ky'eddiba erinyweza amayembe.

LLB053 omusasi *l* [3mu/4mi]

akagwa akazingibwa mu ssubi ly'obuyanja. Kabeera kalekeddwamu obusubi obuleebeeta. Kano kasibwa ku kiwenda eky'emutwe, oludda olumu ate olulala ne kasibwa mu

mayembe wakati, ne kaleebeetera mu bbanga eryawula ensanda n'ekiwenda.

LLB054 akabaya *l* [12ka/14bu]

akasasi akaleetebwawo akagwa ako (omusasi) era mwe kaleebeetera.

LLB055 enkasi *l* [9n/10n]

ekiti ekibajjibwa nga kiwanvuko, wabula nga ku luuyi olumu kibyabyatavu nga omulawo, ekyeyambisibwa okusala amazzi eryato liryoke litambule awamu n'okulitereeza mu kkubo lyalyo. Buli lubanga lubajjirwamu enkasi bbiri, okwo kwe kweyongera ey'omugoba, era y'eba esinga obunene.

LLB056 olutiba *l* [11lu/10n]

akantu akatonotono akabajjibwa nga ka kweyambisa mu kusena mazzi mu lyato.

LLB057 omwoko *l* [3mu/4mi]

ogumu ku miti ebiri emiwanvu era emigumu, egyeyambisibwa okusindika eryato okulituusa ku ttale.

LLB058 ettale *l* [23e]

ku lukalu lw'ennyanja.

LLB059 oluyina *l* [11lu/10n]

olulagala olusensuddwa. Eryato bwe lituusibwa ku ttale, baligezesa nga balivuga mu nnyanja nga beesibye empina mu bulago.

LLC OBUBUMBI

LLC001 ekirombe *l* [7ki/8bi]

ekifo awasimwa ebbumba.

LLC002 ebbumba *l* [5li]

ettaka erikwatirakwatira eryeyambisibwa mu kubumba. Lyeyongera obugumu buli lwe ligenda litabulwamu ensibo n'okukubwa.

LLC003 olutala *l* [11lu/10n]

ebbumba eringi nga lisibiddwa wamu mu bintu nga ebyayi, ekkutiya oba ekintu kyonna ekirala.

LLC004 ebisibosibo *l* [8bi]

amayinja amagonvu omubumbi g'asookera ddala okukoona ne gabetenteka, ne gafuukira ddala nga omusenyu ng'atandika omulimu gwe ogw'okubumba. Olumu biba bipapajjo bya nsuwa, entamu oba ebibumbe ebirala ebyayatika edda.

LLC005 embaalebaale *l* [9n/10n]

ejjinja eddene, eggazigazi era eggumu ennyo omubumbi kw'akoonera ebisibosibo nga yeeyambisa ejjinja eddala ettonotono.

LLC006 ensibo *l* [9n/10n]

olusennyente oba olusenyusenyu oluva mu bisibosibo ebimaze okubetenterwa ku mbaalebaale, oluvannyuma olutabulwa mu bbumba okusobola okuligumya.

LLC007 ekyanjo *l* [7ki/8bi]

eddiba eritali ggwale. Lino lye lissibwamu ebbumba nga litabuddwamu ensibo, ne lisambwa okutuusa lwe ligondera ddala.

LLC008 okusamba ebbumba *kk*

okusotta ebbumba eritabuddwamu ensibo okutuusiza ddala lwe ligonda. Abamu balizingira mu ddiba

ly’ekyanjo ne bakuba nnyo n’emiggo okutuusiza ddala lwe ligonda.

LLC009 enkondwe *l* [9n]

omugogo oguvunze ne gugonderera era nga gulimu amazzi mangi. Gweyambisibwa okubikka ku bbumba nga lissiddwa mu kinnya lireme okukakanyala.

LLC010 ekikaayi *l* [7ki/8bi]

ekiwaawo ekigazigazi ekisalibwa ku kita ekyatifu. Muno omubumbi mw’ayiwa amazzi, olwo n’aba ng’annyikamu akawaawo nga bw’asiimuula omwali (mu nsangi zino ekintu kyonna kisobola okukozesebwa nga ekikaayi).

LLC011 omukulungwa *l* [3mu/3mi]

ebbumba ettonotono erikulungiddwa ne lifuuka nga olugalo.

LLC012 omwali *l* [3mu/4mi]

1. entamu ekyali ku mutendera gwayo ogusooka mu kubumbwa. Ebeeraa tennakala era omubumbi abeera yaakagatta emikulungwa ku kitole ky’ebbumba ky’asooka okunyigaanyiga ne kifaanana nga essowaani embyabyatavu. 2. ekibumbe kyonna ekitannayokebwa.

LLC013 akawaawo *l* [12ka/14bu]

akapapajjo akatonotono akasalibwa oba akamenyebwa ku kita oba endeku enjatifu. Keeyambisibwa mu kulongoosa omwali.

LLC014 okukuba omwali *kk*

okusiimuula omwali munda n'akawaawo akabeera kannyikibwa mu mazzi agaba mu kikaayi buli kaseera, okusobola okubuza emiyungiro gy'emikulungwa**.**

LLC015 omugo *l* [3mu/4mi]

omukulungwa oguba nga nnamuziga ogussibwa waggulu ddala ku mwali ne gugwetooloola.

LLC016 olwola *l* [11lu/10n]

engeri y'akagwa akampi akalangibwa mu luyulu oba mu kakuta k'akazingoonyo, akeeyambisibwa okuteeka obutiribona ku ntamu.

LLC017 okwola *kk*

okuyisa olwola ku ntamu, wansi w'omugo okugwetoolooza gwonna, ne lukolako obutiribona obulinga obunnyannya obugulabisa obulungi.

LLC018 ekyokero *l* [7ki/8bi]

ekifo awookerwa emyali. Kiba kinnya ekimpimpi, omubumbi ky'asima, era muno mw'ayaliira enku kw'avuunika emyali ate n'agibikka n'enku endala wamu n'essubi, olwo n'akoleeza omuliro.

WBD OBUDDE

Abaganda baapimanga obudde okusinziira ku bintu ebiwerako. Olumu baasinziiranga ku mulimu oba ekintu kyonna ekikolebwa mu kiseera ekyo, olulala ne basinziira ku bikolwa by'ebitonde ebirala nga ebinyonyi n'ensolo, so nga oluusi baasinziiranga ne ku butonde bw'ensi obw'awamu. Okusobola okunnyonnyola obulungi obudde bw'Omuganda mu ngeri etegeerekeka, omunoonyereza yakizuula nga kiba kigwanidde okweyambisa empima y'obudde ekozesebwa mu nsangi zino olw'okuba ng'abantu gye bamanyiiridde.

WBD001 amatulutulu *l* [6ma]

ekitundu ky'olunaku obudde nga bwakakya, awo ku ssaawa nga kkumi na bbiri. Obudde buba butandiikiriza okulaba era enzikiza egenda eseebengerera mpola ddala okutuukira ddala enjuba lw'evaayo. Omuganda wano w'atandikira okubala olunaku.

WBD002 olubungubungu *l* [11lu]

Laba **AMATULUTULU**

WBD003 amaliiri *l* [6ma]

Laba **AMATULUTULU**

WBD004 emmindi esooka *l* [9n]

awo ku ssaawa nga ssatu ez'okumakya. Wano abantu, naddala abakazi we banywera taaba waabwe omulundi ogusooka.

WBD005 emmindi eyookubiri *l* [9n]

awo mu ssaawa nga nnya ez'okumakya. Wano abantu we banywera taaba omulundi ogwokubiri.

WBD006 akalasamayanzi *l* [12ka]

awo mu ssaawa nga nnya okutuuka ku ttaano ez'okumakya. Akasana kaba katandise okwakirira, era n'ebiwuka

nga amayanzi biba bitandise okubuukabuuka, olw'okuba ng'akasana kaba kakazizza omusulo oguba gukutte ebiwawaatiro byabyo. Abamu babwogerako nti engajaba we zirangaalira, olw'okuba ng'akasana kano kaba kawoomerera.

WBD007 ettuntu *l* [5li]

awo mu ssaawa nga mukaaga ogw'emisana. Akasana kaba kaaka nnyo era nga n'abantu bannyuse ku mirimu gyabwe.

WBD008 amakola g'ebyemisana *l* [6ma] *Laba* **ETTUNTU**

WBD009 amalya g'ebyemisana *l* [6ma] awo mu ssaawa nga musanvu n'ekitundu okutuukira ddala ku mwenda ez'akawungeezi. Wano abantu we baliira eby'emisana.

WBD010 amakola g'ebyeggulo *l* [6ma] awo mu ssaawa nga kkumi ez'olweggulo. Wano abantu we bategekera kye banaalya ekyeggulo.

WBD011 akalabirizabazaana *l* [12ka] *tbk* akasendabazaana

awo mu ssaawa nga kkumi n'emu ez'olweggulo. Wabaayo akasana akaaka ekimpoowooze. Abantu, naddala abakozi baba bawummuddemu ku mirimu nga boota ku kasana kano.

WBD012akasendabazaana *l* [12ka] *Laba* **AKALABIRIZABAZAANA**

WBD013 amalya g'ebyeggulo *l* [6ma] awo mu ssaawa nga kkumi na bbiri okutuuka ku emu ez'akawungeezi. Obudde buba butandiikiriza okukwata ng'ekitangaala kikendeera. Abantu we baliira ebyeggulo era ne beggala nga basegulira ensolo enkambwe.

WBD014 akawozamasiga *l* [12ka]

awo mu ssaawa nga ssatu okutuuka ku nnya ez'ekiro. Abantu baba beebase era nga n'omuliro ogwafumbye ebyeggulo gutandise okuzikira

WBD015 ettumbi *l* [5li]

awo mu ssaawa nga mukaaga ez'ekiro. Abantu baba mu tulo twennyini era n'ensolo enkambwe bwe budde bwe zitambuliramu, ko n'ebyeneena eby'engeri endala.

WBD016 amattansejjere *l* [6ma]

awo mu ssaawa nga musanvu ez'ekiro. Enswa eziyitibwa ensejjere we zibuukira era abantu baba bazuukuka okugenda okuzizuuka/okuzitta.

WBD017 amatutuma *l* [6ma]

awo mu ssaawa nga munaana ez'ekiro. Obudde buba bugendedde ddala. Ebinyonyi ebiyitibwa amatutuma biba bitandise okukaaba be tu tu tu tu…….

WBD018 enkoko embereberye *l* [9n]

awo mu ssaawa nga mwenda ez'ekiro. Enkoko ziba zikookolima omulundi ogusooka.

WBD019 ekinywambogo *l* [7ki]

awo mu ssaawa nga kkumi ez'ekiro. Obudde buba buluubirira okukya. Embogo n'ensolo endala ziba zigugumuka mu bisulo byazo okugenda okunywa amazzi ku migga oba enzizi.

WBD020 enkoko eyookubiri *l* [9n]

awo mu ssaawa nga kkumi n'emu ez'ekiro. Enkoko ziba zikookolima omulundi ogwokubiri. Obudde buba bukeeredde ddala era abantu abalina emirimu gyabwe baba bafuluma okugiddukira. Olunaku lw'Omuganda lukoma wano, olulala ne lutandika.

WBD021 olunaku *l* [11lu/10n]

obudde okuviira ddala mu matulutulu okutuuka mu nkoko eyookubiri.

WBD022 ezzooba *l* [5li/6ma]

ebbanga okuva omwezi lwe guboneka okutuuka lwe gubula. Libalirirwa okubaamu ennaku nga abiri mu munaana.

WBD023 omwaka *l* [3mu/4mi]

ebbanga eddeneko eribalirirwa okubaamu amazooba omukaaga. Lipimibwa okuva ku birime lwe bisimbwa okutuuka lwe bikungulwa. Omuganda abala emyaka ebiri mu mwaka ogumu ogw'ensangi zino (ogw'amazooba ekkumi n'abiri), kubanga mubaamu amakungula ga mirundi ebiri.

WBD024 ddumbi *l* [1mu]

omwaka omusajja. Gwakamu omusana mungi nnyo.

WBD025 ttoggo *l* [1mu]

omwaka omukazi. Gutonnyeramu enkuba nnyingi nnyo ng'erimu n'okubwatuka.

WBD026 ekyasa *l* [7ki/8bi]

ebbanga ery'emyaka (egy'ensangi zino) ekikumi.

WBD027 olwasa *l* [11lu]

ebbanga ery'ebyasa ekkumi.

LME OBUVUBI

Obuvubi gwe gumu ku mirimu egisingira ddala obugazi mu Buganda. Obugazi bwagwo buva ku bungi bw'ebyennyanja ebisangibwa mu bifo Aabaganda mwe bavubira. Ebifo bino biviira ddala ku bidiba ebisimwa obusimwa n'abantu, entobazi, emigga, obuyanja n'ennyanja ennene. Mu bifo bino eby'enjawulo, ebyennyanja ebivubwamu bya njawulo, nnolwekyo, n'ebikozesebwa mu kuvuba bya njawulo.

Waliwo abavubi ab'emigonjo, abasambazzi, abeezi, ab'obuyingi/obubigo, abawomi b'enkejje, abalobi b'enkejje abeeyambisa obusambajjo n'abalala bangi.

Okusinziira ku biseera omunoonyereza bye yalina, yali tasobola kukwataganya bavubi ba ngeri zino zonna. Noolwekyo, yatunuulira ebintu eby'awamu ebikwata waakiri ku bavubi ab'ebika byonna oba abasinga obungi. Ebyo ebikwata ku bika by'okuvuba kinnakimu teyabifaako.

LME001 okulagaana *kk*

(abavubi) okutegeeragana nti banaagenda okuvuba era n'ekiseera kye banaagenderamu.

LME002 obuyanja *l* []

kika kya busubi obuba obutono ennyo. Bukulira ku kikolo nga bwagaagavu nga etteete. Abavubi nga bamaze okulagaana, baggyira obuyanja ne babwanika ne bukala, ne babulangamu emigwa.

LME003 kyungo *l* [1mu]

emigwa egirangibwa mu buyanja

LME004 kyamba *l* [1mu]

Laba **KYUNGO**

LME005 olulago *l* [11lu/10n]

ekimu ku bisubi by'oku nnyanja ebirukwamu ebiwempe ebitera okuyitibwa ebirago. Bwe bamala okuluka emigwa, bagenda ne bakuula endago ne balukamu ekiwempe kya buwanvu bwa ffuuti nga ataano (50) n'obugazi bwa ffuuti nga ttaano (5), ne bakinnyika mu nnyanja.

LME006 omuya *l* [3mu/4mi]

engeri y'olusero olubaako omumwa omutonotono olukozesebwa okukwata ebyennyanja.

LME007 olusinga *l* [11lu/10n]

engeri y'ebyayi ebiva mu binyuzi by'ebitoogo. Bino bye byeyambisibwa okuluka emiya.

LME008 akagoota *l* [12ka/14bu]

ogumu ku miya ena emikulu egisooka okuganzikibwa ku bubooya wakati.

LME009 basenyi *l* [1mu]

ogumu ku miya emirala egiganzikibwa ebbali ku bubooya.

eryato *l* [5li/6ma]

LME010 eddindi *l* [5li/6ma]

omuti ogutemwako ebitundu ebisibwako emiya n'omugwa oguba gusibiddwa ku lyato.

LME011 ekiragala *kk*

ekitimba ekyeyambisibwa okukwata ebyennyanja. Bakisiba ku lyato ne batandika okwetooloola nga bwe bakisuula ebbali okutuusa lwe bamalayo ekibangirizi kye baagala.

LME012 ettale *l* [23e]

ku lukalu lw'ennyanja.

LME013 okukuza ekiragala *kk*

(omukulu w'ekiragala) okubuuka mukazi we oluvannyuma lw'okukwasa ebyennyanja ebingi.

LME014 okusibiza *kk*

okuvuba okw'omulundi ogusooka.

LME015 okusiibulukusa *kk*

okuvuba okw'omulundi ogwokubiri.

LLF OBUWEESI

LLF001 ebisibosibo *l* [8bi]

Laba **AMATALE**

LLF002 amatale *l* [6ma]

amayinja agasaanuusibwa ne gavaamu ebyuma ebyeyambisibwa mu kuweesa.

LLF003 omuvubo *l* [3mu/4mi]

ekipapula ekigumu ekisibwako enkeero ku ludda olumu, nga tekirinaako bituli birala. Kino kye kibeera kinyigaanyigibwa buli kaseera ne kiweereza empewo mu muliro nga eyita mu nkeero; omuliro ne gukuumwa nga gwaka.

LLF004 enkeero *l* [9n/10n]

ekyuma ekyetooloovu nga kirimu ekituli munda ekigguka erudda n'erudda, ekisibwa ku muvubo. Buli muvubo bwe gunyigwa empewo efunda mu muvubo n'efulumira mu kituli ky'enkeero n'eryoka etuukira ku muliro.

LLF005 ebinyuzi *l* [8bi]

ekinyama ky'ekitoogo eky'omunda, ekisigalawo ng'eky'okungulu kimaze okuyuzibwako. Bino bye byaliirwa mu kinnya oluvannyuma okuyiibwa amayinja.

LLF006 embiga *l* [9n/10n]

ekyoto ekibumbwa obubumbwa mu ttaka. Ettaka lisooka kusambwa bulungi ne lifuuka akadongo akagumu ddala, oluvannyuma ne litandika okubumbwamu ekyoto ekitera okubeeramu n'ebisenge eby'enjawulo.

LLF007 omuzzanvuma *l* [3mu/4mi]

omuti ogusinga okuggyibwamu amanda ageeyambisibwa mu kuweesa. Oluusi gaggyibwa ne mu miti emirala nga ennongo, emittampindi oba n'emisese.

LLF008 okufukuta *kk*

okunyigaanyiga emivubo nga bwe givaamu empewo n'eyolekera omuliro ng'eyita mu nkeero. Kino omuweesi akikola okuva ng'obude bwakaziba,

okuyita mu kiro kyonna okutuusiza ddala obudde nga bukedde.

LLF009 omulugwa *l* [3mu/4mi]

ekituli omuweesi ky'amenya/ky'akuba ku mbiga ng'obudde bukedde ng'ayagala okutuuka ku byuma ebiba munda.

LLF010 amasengere *l* [6ma]

ebisiriiza by'amatale oba ebiyinjayinja ebitalina mugaso ebisigalawo oluvannyuma lw'okusaanuusa amatale ne baggyamu ebyuma eby'omugaso.

LLF011 essasa *l* [5li]

ekifo kyennyini okuweesa we kukolerwa. Kisobola okuba ekizimbe ekitonotono oba ekifo ekirala kyonna.

LLF012 okwengerera *kk*

(ekyuma) okumyuka ennyo wamu n'okugonda ne kiba nga kisobola okuwetwa mu ngeri zonna.

LLF013 omuyindu *l* [3mu/4mi]

amayinja omuggyibwa emisinga gye baweesaamu buli kintu.

LLF014 omusinga *l* [3mu/4mi]

ekyuma ekitannatuukira ddala ku mutendera ogusembayo. Bino abaweesi bye beeyambisa okuweesa ebintu byonna bye beetaaga.

LLG OBUYIZZI

LLG001 okuziga *kk*

(omuyizzi) okunoonyereza era n'akakasa nti ddala ensolo w'eri mu kifo w'agisuubira okubeera.

LLG002 omuzizi *l* [1mu/2ba]

oyo aziga.

LLG003 ekizigo *l* [7ki/8bi]

ekifo ensolo w'eba ezigiddwa oba omuzizi w'aba agirabidde ddala nga w'esula oba w'eriira.

LLG004 okusala ekizigo *kk*

(omuzizi) okusamba oluwenda nga yeetooloola ekizigo okutuukira ddala we yavudde ng'amaze okukakasiza ddala nti akasolo tekaayiseemu, kali awo. Kino kiyamba mu kutaayiza obulungi nga bamanyidde ddala ekifo akasolo we kali.

LLG005 oluwenda *l* [11lu/10n]

engeri y'olukubokubo omuzizi lw'akuba oba lw'asamba ne lwetooloola ekizigo.

LLG006 engombe *l* [9n/10n]

ekivuga ekikolebwa mu jjembe ly'enjobe oba engabi, omuyizzi ky'afuuwa ng'amaze okuziga obulungi ensolo w'esuze, okutegeeza n'okutemya ku bayizzi banne.

LLG007 engombe ey'ekikaayi *l* [9n/10n] engombe ekolebwa mu ndeku. Zino ze zikozesebwa mu bitundu omutali ngabi oba njobe.

LLG008 eddenge *l* [9n/10n]

ekivuga ekikolebwa mu bbanda oba ekiwuuwa nga kiwummulwako obutuli ku mabbali, ekyeyambisibwa mu ngeri y'emu n'engombe.

LLG009 olutuula *l* [11lu/10n]

engeri y'akatimba akalukwa mu bugwa obutonotono naye nga bugumu nnyo, akeeyambisibwa okukwata ensolo entono. Kabaamu amasa mafundafunda ensolo mw'etasobola kuyita oba kutolokera ng'ebadde eyingiddemu.

LLG010 ekitimba *l* [7ki/8bi]

olutuula olweyambisibwa okukwata ensolo ennene. Luba n'amasa manene okusinga ku g'entuula eza bulijjo. Abayizzi bwe bawulira engombe oba eddenge, nga bakwata ebitimba byabwe bagenda ew'oyo agifuuye ng'abatwala ku kizigo.

LLG011 omuguwa *l* [3mu/mi]

ekitimba ekinene ekyeyambisibwa okukwata ensolo ennene nga engabi n'endala.

okutega *kk*

LLG012 obuwufu *l* [14bu]

ekkubo ly'ensolo w'eyita oba w'eba eyise. Lirabirwa ku bulambe bw'ebigere obusigala wansi w'eba erinnye oba ku bisubi ebyewunzika ngeyitawo. Abamu bakitwala okutegeeza ekkubo ly'engo lyokka.

LLG013 okutta ekizigo *kk*

(omuzizi) okukakasiza ddala nti ensolo w'eri mu kifo w'agisuubira okuba. Kino akikola ng'agenda mpola ddala ng'asooba ne yeetegereza ekifo ekyo w'asuubira ensolo okuba.

LLG014 olunyago *l* [11lu/10n]

oluti omuwangibwa effumu.

LLG015 olugwanyu *l* [11lu/10n]

akamu ku buti obutonotono obusimbwa mu ttaka nga

bweyambisiddwa okuwanirira entuula oba ebitimba.

LLG016 okukubirira *kk*

(abayizzi) okusaggula n'okuleekaanira ekoma oba ewatali butimba nga bagenderera okukanga ensolo efubutuke ng'edda ku luuyi oluliko obutimba esobole okutoola.

LLG017 okusagga *kk*

(omuyizzi) okuyingirira ekizigo n'awoggana n'okukangakanga ensolo esobole okufubutuka mu nfo yaayo ng'edda eri awategeddwa ebitimba.

LLG018 omusaggizi *l* [1mu/2ba]

oyo asagga.

LLG019 okwasira *kk*

(omuyizzi) okuduumira oba okuweerera embwa ng'azizzaamu amaanyi zisobole okuwunyiriza wamu n'okuzuulira ddala awali akasolo. Asobola okweyambisa ebigambo ebiwerako nga bino: "Ayi lya, kwata Ayi omulye! Kiikyo….."

LLG020 okusaza *kk*

(abayizzi) okuyigga ensolo naye nga tebeekakasa oba ensolo gye bayigga ddala ekyali ku kizigo w'esuubirwa okubeera. Kino kibaawo naddala ng'ensolo eyiggibwa ngenyi ku kizigo.

LLG021 okwandaaza *kk*

okuyigga ensolo etamaze kuzigibwa.

Effumu *l* [5li/6ma]

LLG022 omugogo *l* [3mu/4mi]

ensolo eyazaalako. Abayizzi baagala nnyo okuyigga emigogo kubanga giba minene, misava ate era nga tegibatawaanya olw'obutaba na maanyi gadduka kugenda wala.

LLG023 ensongola *l* [9n/10]

ensolo etazaalangako. Eba ekyali ya maanyi era etawaanya nnyo abayizzi.

LLG024 omugoba *l* [1mu/2ba]

oyo eyeetaba mu kuyigga naye nga talina lutuula oba kitimba kikye ku bubwe.

LLG025 okutoola *kk*

(ensolo) okuyingira mu kitimba oba olutuula.

Okufumita *kk*

LLG026 okufumita obutanga *kk*

okufumita ensolo nga tennaba kutoola.

LLG027 omuwuzi *l* [1mu/2ba]

omuyizzi addirira omussi okufumita ku nsolo oba omuyizzi afumita ensolo omulundi ogwokubiri, oluvannyuma lw'omussi.

LLG028 ensikya *l* [9n/10n]

ennyama oba ekitundu ky'ensolo ekiba emabega w'obulago. Kino kye kitundu ekigabanwa omuwuzi.

LLG029 amayingaanyi *l* [6ma]

ekitundu ky'ennyama, eky'embiriizi omunaana, ekigabanwa omuyizzi addirira omuwuzi okufumita ensolo (owookusatu).

WLH OKUBALA

Omuganda mubazi nnyo. Asobola okubala ebintu ebingi ennyo ate nga birimu obutundu obusirikitu ddala nga: **“Obwesedde buna mw’obuse bubiri mw’akawumbi kamu mw’obukadde buna mw’emitwalo etaano mw’enkumi bbiri mu kikumi mw’ataano mu ttaano”.** Omunoonyereza teyatunuulira buli muwendo gye gusobola okukoma. Yakozesa emiwendo emiramba gyokka. Egyo egiri wakati w’emiramba omuntu ayogera olulimi asobola okugenda ng’agattagatta emiramba n’asobola okwasanguza omuwendo **gwonna** gw’ayagala.

WLH001 ensuusuuba *l* [9n/10n] omuwendo gwonna oguli okuva ku emu okutuuka ku mwenda. Mulimu emu, ebbiri, essatu, ennya, ettaano, omukaaga, omusanvu, omunaana n’omwenda.

WLH002 ekkumi *l* [5li/6ma] omuwendo oguddako oluvannyuma lw’omwenda.

WLH003 ekikumi *l* [7ki/8bi] omuwendo oguva mu kugatta ekkumi emirundi kkumi.

WLH004 olukumi *l* [11lu/10n] omuwendo oguva mu kugatta ekikumi emirundi kkumi.

WLH005 omutwalo *l* [3mu/4mi] omuwendo oguva mu kugatta olukumi emirundi kkumi.

WLH006 akasiriivu *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta omutwalo emirundi kkumi.

WLH007 akakadde *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obusiriivu kkumi.

WLH008 akawumbi *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obukadde kkumi.

WLH009 akase *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obuwumbi kkumi.

WLH010 akeesedde *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obuse kkumi.

WLH011 akatabalikamangu *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obwesedde kkumi.

WLH012 akasennyente *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obutabalikamangu kkumi.

WLH013 akafufugge *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obusennyente kkumi.

WLH014 akewunguzi *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obufufugge kkumi.

WLH015 akabonesi *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obwewunguzi kkumi.

WLH016 kannantalabikalabika *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obubonesi kkumi.

WLH017 akeewuunyisa *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta bunnantalabikalabika kkumi.

WLH018 akasamaaliriza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obwewuunyisa kkumi.

WLH019 akanyamaaliriza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obusamaaliriza kkumi.

WLH020 akagulisi *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obunyamaaliriza kkumi.

WLH021 akayunzi *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obugulisi kkumi.

WLH022 akayingiza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obuyunzi kkumi.

WLH023 akatereeza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obuyingiza kkumi.

WLH024 akakkaliza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obutereeza kkumi.

WLH025 akatebenkeza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obukkaliza kkumi.

WLH026 akatajuza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obutebenkeza kkumi.

WLH027 akamatiza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obutajuza kkumi.

WLH028 akasanyusa *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obumatiza kkumi.

WLH029 akajaganyisa *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obusanyusa kkumi.

WLH030 akasagambiza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obujaganyisa kkumi.

WLH031 akajjuza *l* [12ka/14bu] omuwendo oguva mu kugatta obusagambiza kkumi.

WLH032 akabenga *l* [12ka/14bu]

omuwendo oguva mu kugatta obujjuza kkumi.

WLH033 akabooza *l* [12ka/14bu]

omuwendo oguva mu kugatta obubenga kkumi.

KLI OKUTABAALA

KLI001 eggye *l* [5li/6ma]

ekibinja ky'abalwanyi oba abatabaazi.

KLI002 okwolesa *kk*

okwanjulira oba okulaga Kabaka eggye. Bwe wabeerawo okugaba olutabaalo olunene, Kabaka asooka kuyita ba masaza ne boolesa eggye lyabwe olwo n'alyoka agaba omugabe.

KLI003 omugabe *l* [1mu/2ba]

oyo alondebwa Kabaka n'aweebwa obuvunaanyizibwa bw'okukulembera olutabaalo.

KLI004 okugaba *kk*

okuwa obuvunaanyizibwa oyo anaakulembera olutabaalo.

KLI005 entamiivu *l* [9n/10n]

emu ku ngoma z'obwakabaka, Kabaka gy'alaya ng'ayita Katikkiro n'abakungu bonna okubeerawo ng'ayatulira oyo gwe yalonze okuba omugabe w'olutabaalo.

KLI006 okulaya *kk*

okukuba oba okuvuza engoma. Enkeera Kabaka nga yasuze ayawudde anaakulembera olutabaalo, Kabaka akeera kulaya ngoma ye entamiivu.

KLI007 okuwera *kk*

(omugabe) okukakasa era n'okulayira eri Kabaka nga bw'ajja era bw'ali omumalirivu okukola n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa obuba bumukwasiddwa.

KLI008 ggombolola *l* [1mu/8bi]

ekyoto ekibeera ku wankaaki w'olubiri ekitazikira okuggyako nga Kabaka akisizza omukono. Omugabe bw'amala okulayira, ajja ku ggombolola n'ayoolamu evvu n'alisaaba mu kyenyi kye.

KLI009 okusebeya *kk*

(omukazi) okugenda n'omugabe (bba) mu lutabaalo. Omugabe bw'amala okusaaba evvu mu kyenyi n'adda ewuwe, olwo n'alyoka alonda bakyala be abanaasebeya.

KLI010 ebbombo *l* [5li]

kika kya muddo, guba n'ebikoola ebigazigazi era nga bya kiragala omukwafu. Gukula gulandira wansi. Bakyala b'omugabe abakulu bonna nga bamuwerekera ng'ava mu kisaakaate kye, bagenda bagwambadde mu bulago bwabwe era bwe badda, Kaddulubaale, Kabejja ne Nassaza baguwanika mu ddiiro okutuusa lw'alidda.

KLI011 okweyoleka *kk*

(abatabaazi) okweyanjula n'okuwera eri omugabe waabwe. Kino kikolebwa nga bamazeeko Obuganda era wano omugabe w'alabira oba yatabaaza eggye ddene oba ttono.

KLI012 okulamaga *kk*

okutambula, mu kutabaala kwennyini. Omugabe abeera wakati ng'ebbali n'ebbali eriyo amasaza

agawerako, ko n'emabega we era ng'eyo y'eri ne bakyala be. Batambula mu ngeri eyo okutuusa ng'olutabaalo luwedde.

KLI013 kitenga *l* [1mu]

amaliba g'engeye. Gano omugabe ge yeesiba mu kiwato.

KLI014 engule *l* [9n/10n]

ekyambalo ky'oku mutwe (si nkufiira) ekiyinza okubaako amatiribona ag'engeri yonna. Kikwanyizibwa nnyo n'obuzira oba ekitiibwa eky'engeri endala. Oluusi omugabe abeera atikkidde engule.

KLI015 olukwanzi *l* [11/lu/10n]

akagwa oba ewuzi eba esibiddwako embira ennyirivu ennyo. Oluusi omugabe atikkira obuti obuwunde enkwanzi.

KLI016 kalabaalaba *l* [1mu/2ba]

omumyuka w'omugabe, era mu kulamaga, aliraanira ddala omugabe. Kabaka alonda omwami omuganzi ennyo gw'awa obwa kalabaalaba.

KLI017 okukuza olutabaalo *kk*

omugabe n'abakungu n'abaami abalala, okubuuka bakazi baabwe abakulu oluvannyuma lw'okunyaga embuzi oba enkoko, ne batta embuzi, omugabe n'alya ekibumba n'awaako ne bakazi be.

KLI018 omulabe *l* [1mu/2ba]

eggye oba omu ku balwanyi b'eggye eriri ku luuyi luli olulala, ab'eno lwe balwanagana nalwo.

KLI019 okuketta *kk*

(abalwanyi) okugenda nga baziga n'okwetegereza obulungi ekifa ku mulabe waabwe, entambula ze na buli

kimu, ekibayamba okumwanganga obulungi.

KLI020 omukessi *l* [1mu/2b1] oyo aketta.

KLI021 okunyaga *kk*

abalwanyi b'oku luuyi olumu okugenda nga batwala ebintu by'abalabe baabwe, naddala nga babafufuggazza.

KLI022 okwaya *kk*

okunyaga emmere eriibwa mu lutabaalo. Bwe bamala okugiyaya, nga basooka okwawulako ey'omugabe, ne baddako ey'abakungu, olwo esigalawo y'ebeera ey'abakopi.

KLI023 omuyayi *l* [1mu/2ba] oyo ayaya.

KLI024 ekikwekweto *l* [7ki/8bi]

ekibinja ky'abasajja abalwanyi abeereere omutali wa mugugu. Kino kibeerawo bulindaala era omugabe ky'agaba ng'atuuse awali olutalo olw'amaanyi.

KLI025 omunyago *l* [3mu]

ebintu ebiba binyagiddwa omuba: ensolo, abakazi, abaddu n'ebirala.

KLI026 okukuba embwagulo *kk*

okulobola omulundi ogusooka mu bintu ebiba binyagiddwa. Omugabe w'ekikwekweto y'asooka ne kuddako abaami abalala.

KLI027 omuddu *l* [1mu/2ba]

omusajja yenna aba anyagiddwa mu lutabaalo.

KLI028 okukuba omuwambiro *kk*

okulobola okw'omulundi ogwokubiri mu bintu ebinyagiddwa. Kino kikolebwa ng'omugabe w'olutabaalo amaze okulaba nti omunyago guweredde ddala.

KLI029 omwandu *l* [3mu]

omugatte gw'ebintu byonna awamu ebiba binyagiddwa.

KLI030 okugereka *kk*

(omugabe) okugabanya omunyago buli ssaza n'aliwaako ebyalyo okusinziira ku muwendo gwe baanyaga. Abaanyaga ebingi era bafuna bingi era n'ab'ebitono bwe batyo.

KLI031 okuwoza olutabaalo *kk*

okutegeeza Kabaka olutabaalo nga bwe lwagenda. Omugabe alonda omwami agenda eri Kabaka okumuwoleza olutabaalo era amutegeeza abaami abattibwa n'abaafa obufi, wamu n'omuwendo gw'ebintu ebyanyagibwa.

KLI032 okuwula *kk*

okutabaala eggwanga nga Kabaka tamanyi. Kino kyakolebwanga abaami abazira abaatabaalanga Abanyoro ne babanyagako ebyabwe.

KLJ OLUMBE

Buli muntu yenna alina okufa era n'akolebwako emikolo egisembayo.Emikolo egikolebwa ku Kabaka tegifaanana na gya mwami oba egy'omukopi, so n'egy'omukopi tegifaanana na gya mwami, newankubadde ng'egisinga gifaanana. Kizibu nnyo, oluusi tekisoboka na kusoboka okwawulira ddala emikolo gino ne

gyetongola buli gya muntu ku bwagyo. Omunoonyereza yagitwalira wamu, wabula nga mu nnyinyonnyola akirambika bulungi, nti ekintu gundi kikwata ku muntu bw'ati.

Emikolo egikolebwa ng'omuntu yaakafa, ng'aziikibwa n'awo wonna okutuuka olumbe we luggweera nagyo mizibu okwawula kubanga waliwo oluwuzi olugumu olugiyunga awamu. Omunoonyereza naye teyagyawula wabula yagissa mu kirimba kimu okuva omuntu lw'afa okutuuka ng'olumbe lumaze okwaba.

KLJ001 okugolola *kk*

okutereeza oba okulambulula ebitundu by'omulambo, naddala emikono n'amagulu ne birema okweweta. Omuntu nga yaakafa, ekisooka okukolwa kwe kumugolola nga tannakakanyala.

KLJ002 okunaaza *kk*

okulongoosa omulambo n'ebisuumwa nga gumaze okugololwa.

KLJ003 ekisuumwa *l* [7ki/8bi]

ekinyirikisi ekikolokotwa mu mugogo. Kino kye kikozesebwa mu kunaaza omulambo.

KLJ004 olubugo *l* [11lu/10n]

ekyambalo ky'Abaganda ekikulu. Kisinga kukolebwa mu kikuta kya mutuba. Kino kye baaliira wansi ne bawummuzaako omulambo nga bagenda okugunaaza, era mwe baguzinga nga bagenda okuguziika.

KLJ005 olufuvu *l* [11lu/10n]

ekimu ku biwuzi ebifundafunda, ebikomolwa mu lubugo. Bino bye byeyambisibwa okusiba omulambo nga gumaze okunaazibwa.

KLJ006 amasanja *l* [6ma]

endagala embisi ezisasirwa mu nju oluvannyuma lw'okusiba omulambo ne gussibwa mu ddiiro.

KLJ 007okunyiga *kk*

okulongooseza ddala omulambo gwa Kabaka oba omwami nga yaakafa, nga beeyambisa ebisuumwa. Bagunyigira ku mbugo era ng'abaana n'abako tebaliiwo.

KLJ008 okwoteza *kk*

okunyookeza embugo ezisooka okunyigirwamu omulambo n'omugavu zisobole okuwunya obulungi. Zisooka kwozebwa na mwenge ne zaanikibwa ne zikala.

KLJ009 omumbowa *l* [1mu/2ba]

omusajja wa Kabaka gw'atuma okutuukiriza ekigendererwa kye oba okussa mu nkola ky'aba amugambye, naddala okutta oyo Kabaka gw'asazeewo attibwe.

KLJ010 nnamwandu *l* [1mu/2ba]

omukazi afiiriddwako bba. Abambowa bawa bannamwandu ku mwenge gwe banyigisa ebyenda bagunyweko. Babagamba nti "bbammwe mumulye nga bwe mwalyanga ebintu bye"

KLJ011 okulira *kk*

okukaaba ennyo. Bannamwandu bwe bamala okunywa omwenge, nga badda ku mpagi batandika okulira.

KLJ012 entaana *l* [9n/10n]

ekinnya omuziikibwa omuntu. Kiba kya nsonda nnya nga kirina obuwanvu bwa ffuuti nga mukaaga.

KLJ013 omusika *l* [1mu/2ba]

omuntu alondebwa okudda mu bigere by'oyo afudde. Ebiseera ebisinga alondebwa omugenzi yennyini ng'akyali mulamu, mu baana be oba abooluganda lwe abalala. Bw'aba tamwerondedde alondebwa oluvannyuma ng'amaze okufa.

KLJ014 empambo *l* [9n/10n]

ensigo z'ensujju. Zikozesebwa mu mukolo oguyitibwa okulumira empambo ogukolebwa omusika nga yaakalondebwa.

KLJ015 okulumira empambo *kk*

(omusika) okuggya empambo mu ngalo z'omufu n'omumwa, n'azigaaya ne zigonda n'azifuuyira omufu, ezisigalawo n'azifuuyira omu ku bannamwandu era n'ayimuka n'amutwalira ddala.

KLJ016 okuziraga *kk*

okulongoosa omulambo omulundi ogusembayo. Abooluganda n'abakazi be bakikola. Basooka kweyambisa bisuumwa ebikooneddwa mu kitooke ky'embidde ne nnakitembe, ate oluvannyuma ne beeyambisa n'amafuta ag'akawoowo.

KLJ017 okubikka akabugo *kk*

(omusika) okuyimirira emitwetwe w'omulambo n'ayanjuluza olubugo n'alubikka omulambo ne lutuukira ddala emirannamiro ku bigere.

KLJ018 okuzinga *kk*

okusiba obulungi omulambo mu mbugo. Okubikka akabugo oluggwa, olwo okuzinga nga kutandika.

KLJ019 akasanvu *l* [12ka/14bu]

akatabi k'omuti akatonotono. Bwe bamala okuzinga, bafuna omuntu ne bamukwasa akasanvu k'omutuba

n’akulembera ab’omulambo nga bagenda emagombe.

KLJ020 ettale *l* [23e]

wabweru w’entaana. Bwe batuusa omulambo, abantu nga bana bakkirira mu ntaana ne babaweereza omulambo. Bano abasigala waggulu boogerwako ng’abali ku ttale.

KLJ021 akamweso *l* [7ki/8bi]

engeri y’akabaati akatono, akabyabyatavu era nga kalina obwogi bungi. Kakozesebwa ddala nga eggirita mu kumwa oba okusala ebintu. Omulambo bwe gumala okussibwa mu ntaana, omuzzukulu w’omufu akkirirayo nga bamubisse olubugo n’asala ekirenge ky’olubugo ebitundu bibiri.

KLJ022 omulindi *l* [3mu/4mi]

1.ekirenge ky’olubugo ekisigala nga kireebeeta okutuusa omuzzukulu lw’akisala. 2. omuzzukulu oyo akola omukolo guno.

KLJ023 amalaalo *l* [6ma]

ekifo ekyo omulambo we gumaze okuziikibwa.

KLJ024 ekimyu *l* [7ki/8bi]

ekitundutundu ky’olubugo ekyesibwa mu kiwato nga akabonero k’okukungubaga. Ebimyu bye beesiba mu kusima entaana, okuziika bwe kuggwa babireka ku malaalo.

KLJ025 okulaalika olumbe *kk*

okulangirira oba okutegeeza abantu olunaku olumbe lwe lunaayaba. Kino kikolebwa amangu ddala ng’abantu baakava emagombe.

KLJ026 ekibanyi *l* [7ki/8bi]

engeri y’olutandaalo olukolebwa mu kiyungu, waggulu w’ekyoto, nga lusinga kussibwako nku zisobole

okukala amangu, olw'ebbugumu ly'ekyoto. Nga bamaze okulaalika olumbe, wafunibwayo omuntu omu n'atema amabidde n'agawanika ku kibanyi.

KLJ027 essuumwa *l* [5li]

omwenge ogunywebwa abakungubazi nga waakayitawo ebbanga ttonotono okuva ku kuziika. Gwe gusogolwa mu mabidde agaawanikibwa ku kibanyi. Guyitibwa ssuumwa kubanga embidde okusuulibwa ebisuumwa ebikozesebwa mu kuziraga omulambo y'etemwa n'egattibwako n'endala ne ziryoka ziwanikibwa.

KLJ028 enziisa *l* [9n/10n]

ente omwami w'ekyalo gy'asaba nga waliwo omuntu eyava ebweru n'afiira ku kyalo kye. Okukkiriza okumuziika ku kyalo kye, asaba enziisa era bamala kugimuwa okumuziika.

KLJ029 omwandu *l* [3mu]

omugatte gw'ebintu byonna omugenzi by'aleka ng'afudde. Oluusi n'abakazi babeeramu. Biyitibwa mwandu kubanga abasajja b'edda ebintu byabwe baabiggyanga mu kunyaga mu ntabaalo. Ebintu ebimyagemu lutabaalo biyitibwa mwandu.

okumwa enviiri *kk*

KLJ030 lubuga *l* [1mu/2ba]

mwannyina w'omusika gw'asika naye. Ono naye bamumwera wamu enviiri n'omusika, omwenge (gw'olumbe) nga gumaze okuggya.

KLJ031 mulekwa *l* [1mu/2ba]

omwana aba afiiriddwa muzadde we. Bamulekwa ne bannamwandu (bokka) be balya emmere efumbibwa ekiro mu ngalabi ng'etabuddwamu embidde era bagirriira mu luggya. Balyako

katonotono buli omu, esigalawo ne bagirinnyirira n'ebigere.

KLJ032 omujjwa *l* [1mu/2ba]

omwana wa mwannyina w'omufu. Okulya bwe kuggwa, omujjwa awangula empagi ya sseddugi mu ddiiro.

KLJ033 sseddugi *l* [9n/10zi]

empagi ennene ebeera mu ddiiro wakati ng'ekwatira ddala mu kasolya.

KLJ034 eggwagi *l* [5li/6ma]

empagi ya sseddugi, omujjwa gy'awangula n'essibwa mu kyoto, abaana b'omufu ne bannamwandu ne bagyota. Ku ggwagi lino era bookyako enkoko emu n'eriibwa abaana abalenzi n'enkejje emu abakazi ne balumako.

KLJ035 oluyina *l* [11lu/10n]

olulagala olusensuddwa. Bwe bamala okulya enkoko n'enkejje, abasajja beesiba empina ne bayita mu ddiiro nga bazina era nga bwe bayimba.

KLJ036 ekifugi *l* [7ki/8bi]

engeri y'ekituuti oba olubalaza, omusika kw'atuuzibwa ng'agenda okusumikwa n'okulagibwa eri abantu bonna.

KLJ037 okusumika *kk*

(omukulu w'olumbe) okwambika omusika olubugo lw'amaze okusibako ekituttwa. Wano era asobola okumwambikirawo amayembe ga kitaawe, era n'ayatula eri abantu nti ono ye musika w'omugenzi gundi.

KLJ038 okusumikira *kk*

(abantu abalala) okusumika omusika ne lubuga ensimbi mu ngalo nga batudde ku lubugo oluvannyuma lw'omukulu w'olumbe.

KLJ039 olufuwa *l* [11lu]

ennyama y'olumbe efumbwa ku lunaku olwokusatu ng'olumbe lumaze okwaba, n'eriibwa abaana b'omugenzi bonna ne bannamwandu. Basooka kulyamu nnyi.

KLJ040 ennyi *l* [9n]

ekibumba.

KLJ041 amasanja *l* [6ma]

ebisanja n'ebisaaniikosaaniiko ebirala byonna ebyakozesebwa mu lumbe, omujjwa by'ayoola ng'abitwala mu lusuku okwetooloola ku kiggya, ng'olumbe luweddemu. Asasulwa olw'okukola omukolo guno.

OLUKALALA LW'EKIWALIFU

akabaya	**LLB054**
akabenga	**WLF032**
akabonesi	**WLF015**
akabooza	**WLF0**
akafufugge	**WLF013**
akagoota	**LME008**
akagulisi	**WLF020**
akajaganyisa	**WLF029**
akajjuza	**WLF031**
akakadde	**WLF007**
akakkaliza	**WLF024**
akalabirizabazaana	**WBD011**
akalasamayanzi	**WBD006**
akalira	**KLA034**
akamatiza	**WLF027**
akamba	**LLB034**
akamweso	**KLJ021**
akanyamaaliriza	**WLF019**
akasagambiza	**WLF030**

akasamaaliriza	**WLF018**
akasanvu	**KLJ019**
akasanyusa	**WLF028**
akase	**WLF009**
akasendabazaana	**WBD012**
akasennyente	**WLF012**
akasiriivu	**WLF006**
akatabalikamangu	**WLF011**
akatajuza	**WLF026**
akatebenkeza	**WLF025**
akatereeza	**WLF023**
akawaawo	**LLC013**
akawozamasiga	**WBD014**
akawumbi	**WLF008**
akayingiza	**WLF022**
akayunzi	**WLF021**
akeesedde	**WLF010**
akeewuunyisa	**WLF017**
akewunguzi	**WLF014**
amakola g’ebyeggulo	**WBD010**
amakola g’ebyemisana	**WBD008**
amalaalo	**KLJ023**

amaliiri	**WBD003**
amalya g’ebyeggulo	**WBD013**
amalya g’ebyemisana	**WBD009**
amasanja	**KLJ006**
amasanja	**KLJ041**
amasengere	**LLF010**
amatale	**LLF002**
amattansejjere	**WBD016**
amatulutulu	**WBD001**
amatutuma	**WBD017**
amawata	**LLB002**
amayingaanyi	**LLG029**
basenyi	**LME009**
ddumbi	**WBD024**
ebbaasi	**LLB015**
ebbombo	**KLA015**
ebbombo	**KLI010**
ebbumba	**LLC002**
ebinyuzi	**LLF005**
ebisibosibo	**LLC004**
ebisibosibo	**LLF001**
ebulumba	**LLB011**

eddenge	**LLG008**
eddindi	**LLB049**
eddindi	**LME010**
eggalwe	**LLB033**
eggami	**LLB042**
eggwagi	**KLJ034**
eggye	**KLI001**
ekibanyi	**KLJ026**
ekibululu	**KLA013**
ekifugi	**KLJ036**
ekikaayi	**LLC010**
ekikolo	**LLB017**
ekikumi	**WLF003**
ekikwekweto	**KLI024**
ekimyu	**KLJ024**
ekinnyi	**KLA025**
ekinywambogo	**WBD019**
ekiragala	**LME011**
ekirombe	**LLC001**
ekisaggo	**LLB052**
ekisenso	**KLA020**
ekisuumwa	**KLJ003**

ekitanyi	**KLA027**
ekitimba	**LLG010**
ekiwembo	**LLB044**
ekiwenda	**LLB045**
ekiwottonono	**KLA026**
ekiyiwo	**LLB043**
ekizigo	**LLG003**
ekkumi	**WLF002**
ekyanjo	**LLC007**
ekyasa	**WBD026**
ekyokero	**LLC018**
embaalebaale	**LLC005**
embiga	**LLF006**
embuzi ey'omugerengejjo	**KLA023**
emmandwa	**KLA005**
emmindi esooka	**WBD004**
emmindi eyookubiri	**WBD005**
empamba	**LLB036**
empambo	**KLJ014**
empano	**LLB018**
empogola	**KLA018**
empongoloni	**KLA022**

enda	**LLB004**
endege	**KLA017**
engule	**KLI014**
enjeyo	**LLB022**
enjola	**LLB028**
enkasi	**LLB055**
enkeero	**LLF004**
enkoko embereberye	**WBD018**
enkoko eyookubiri	**WBD020**
enkondwe	**LLC009**
enku	**LLB023**
enkuyi	**LLB051**
ennoga	**KLA037**
ennyi	**KLJ040**
ensanda	**LLB009**
ensibo	**LLC006**
ensikya	**LLG028**
ensinda	**KLA035**
ensongola	**LLG023**
ensuusuuba	**WLF001**
entaana	**KLJ012**
entamiivu	**KLI005**

entujjo	**KLA030**
entujjo	**KLA031**
enziisa	**KLJ028**
essa	**LLB040**
essaaniiko	**KLA021**
essasa	**LLF011**
essuumwa	**KLJ027**
ettale	**KLJ020**
ettale	**LLB058**
ettaleokukuza ekiragala	**LME012**
ettumbi	**WBD015**
ettuntu	**WBD007**
ezzooba	**WBD022**
engombe ey'ekikaayi	**LLG007**
engombe	**LLG006**
gawuga	**KLA029**
ggerenge	**LLB046**
ggombolola	**KLI008**
kalabaalaba	**KLI016**
kannantalabikalabika	**WLF016**
kayeyokatono	**LLB025**
kayozo	**LLB027**

kikulwa	**LLB047**
kikumbi	**LLB024**
kitenga	**KLI013**
kyamba	**LME004**
kyungo	**LME003**
lubuga	**KLA010**
lubuga	**KLJ030**
mulekwa	**KLJ031**
mupala	**LLB048**
muwanga	**KLA006**
nkuzi	**LLB039**
nnaalongo	**KLA003**
nnaalongo omukulu	**KLA01**
nnakitembe	**KLA014**
nnamwandu	**KLJ010**
nnankungo	**LLB003**
obulezi	**KLA036**
obuwufu	**LLG012**
obuyanja	**LME002**
okubika abalongo	**KLA008**
okubikka akabugo	**KLJ017**
okufugika	**KLA028**

okufukuta	**LLF008**
okufumita obutanga	**LLG026**
okugaba	**KLI004**
okugalama	**KLA024**
okugereka	**KLI030**
okuggala	**KLA012**
okugolola	**KLJ001**
okuketta	**KLI019**
okukiga	**KLA032**
okukondera	**LLB031**
okukonja	**LLB037**
okukuba embwagulo	**KLI026**
okukuba omuwambiro	**KLI028**
okukuba omwali	**LLC014**
okukubirira	**LLG016**
okukuza olutabaalo	**KLI017**
okukyamira	**LLB013**
okulaalika olumbe	**KLJ025**
okulagaana	**LME001**
okulagula	**KLA007**
okulamaga	**KLI012**
okulaya	**KLI006**

okulima	**LLB019**
okulira	**KLJ011**
okuluma	**LLB026**
okulumira empambo	**KLJ015**
okumenya olukanda	**KLA033**
okunaaza	**KLJ002**
okunyaga	**KLI021**
okunyiga	**KLJ007**
okusagga	**LLG017**
okusala ekizigo	**LLG004**
okusamba ebbumba	**LLC008**
okusaza	**LLG020**
okusebeya	**KLI009**
okusibiza	**LME013**
okusiibulukusa	**LME014**
okusumika	**KLJ037**
okusumikira	**KLJ038**
okutala amajoba	**KLA016**
okutoola	**LLG025**
okutta ekizigo	**LLG013**
okutuzza	**KLA019**
okuwera	**KLI007**

okuwoza olutabaalo	**KLI031**
okuwula	**KLI032**
okuziga	**LLG001**
okuzinga	**KLJ018**
okuziraga	**KLJ016**
okwandaaza	**LLG021**
okwasira	**LLG019**
okwaya	**KLI022**
okwengerera	**LLF012**
okweyoleka	**KLI011**
okwola	**LLB041**
okwola	**LLC017**
okwolesa	**KLI002**
okwoteza	**KLJ008**
olubanga	**LLB010**
olubugo	**KLJ004**
olubungubungu	**WBD002**
olufuvu	**KLJ005**
olufuwa	**KLJ039**
olugwanyu	**LLG015**
olukumi	**WLF004**
olukwanzi	**KLI015**

olulago	**LME005**
olulimi	**LLB008**
olunaku	**WBD021**
olunyago	**LLG014**
olusinga	**LLB032**
olusinga	**LME007**
olusove	**LLB050**
olutala	**LLC003**
olutiba	**LLB056**
olutuula	**LLG009**
oluwenda	**LLG005**
oluwero	**LLB020**
oluyina	**KLJ035**
oluyina	**LLB059**
olwasa	**WBD027**
olwola	**LLC016**
omuddu	**KLI027**
omufulubwa	**LLB038**
omugabe	**KLI003**
omugo	**LLC015**
omugoba	**LLB012**
omugoba	**LLG024**

omugogo	**LLG022**
omugongo	**LLB005**
omuguwa	**LLG011**
omujjwa	**KLJ032**
omukessi	**KLI020**
omukulungwa	**LLC011**
omulabe	**KLI018**
omulindi	**KLJ022**
omulongo	**KLA001**
omulubaale	**KLA004**
omulugwa	**LLF009**
omulumyo	**LLB029**
omumbowa	**KLJ009**
omunyago	**KLI025**
omunyolo	**LLB035**
omusa	**LLB016**
omusaggizi	**LLG018**
omusasi	**LLB053**
omusika	**KLJ013**
omusinga	**LLF014**
omutima	**LLB006**
omutuusa	**LLB021**

omutwalo	**WLF005**
omutwe	**LLB007**
omuvubo	**LLF003**
omuvule	**LLB001**
omuwunda	**LLB030**
omuwuzi	**LLG027**
omuya	**LME006**
omuyayi	**KLI023**
omuyindu	**LLF013**
omuyovu	**LLB014**
omuzizi	**LLG002**
omuzzanvuma	**LLF007**
omwaka	**WBD023**
omwali	**LLC012**
omwandu	**KLI029**
omwandu	**KLJ029**
omwoko	**LLB057**
ssaalongo	**KLA002**
ssaalongo omukulu	**KLA009**
ssseddugi	**KLJ033**
ttoggo	**WBD025**

4.0 OKUWUMBAWUMBA

Omunoonyereza yateebeereza nti enkuluze ey'ekiruubirirwa eky'enjawulo ate ng'etegekeddwa okusinziira ku bitegeero esoboka mu lulimi Oluganda nga bwe kiri mu nnimi endala. Era yateebereza nti amakulu g'ekigambo gasinga kutuukibwako mangu mu nkuluze ey'engeri eno okusinga mu nkuluze esengekeddwa ekiwalifu.

Omunoonyereza yeeyambisa ebyobuwangwa by'Abaganda okugezesa bye yateebereza. Okusinziira ku byazuulibwa, kyazuuka ng'enkuluze ey'engeri eno esoboka bulungi nnyo mu lulimi Oluganda. Amakulu g'ekigambo nago kyazuuka nga gatuukibwako mangu mu nkuluze eyeesigamiziddwa ku bitegeero okusinga bwe kibeera mu nkuluze esengekeddwa ekiwalifu. Kino kiri bwe kityo kubanga kiba ne binnaakyo bwe biddiriŋŋana mu lweyongerero olumu. Kino kiyamba omweyambisa okugeraageranya ebigambo ebyo n'afuna mangu amakulu gaabyo.

4.1 OKUWA AMAGEZI

Ebyazuulibwa biraga nga enkuluze eyeesigamiziddwa ku bitegeero esoboka mu lulimi Oluganda. Noolwekyo omunoonyereza awa amagezi gano:

(i) Abawandiisi b'enkuluze n'abatendekebwa mu mulimu guno bandikomezza okukitwala nti enkuluze y'eyo eba esengekeddwa

ekiwalifu yokka, ne batandika okwenyigira mu kuwandiika enkuluze ezeesigamiziddwa ku bitegeero.

(ii) Abasomi nabo bandyeyunidde nnyo enkuluze ezeesigamiziddwa ku bitegeero, kubanga zanguyiza omusomi okutuuka ku makulu g'ekigambo bw'aba ng'akigeraagerannyizza n'ebigambo ebirala bwe biri mu lweyongerero olumu.

4.2 EKIZIBU EKIGGYA

Omulimu ogwakolebwa mu kunoonyereza kuno gulabika nga gwasima busimi musingi oba mpangi ya kunoonyereza okukyetaagisa ennyo mu kisaawe kino.

Okunoonyereza kuno kwakolebwa ku byabuwangwa byokka. Kyetaagisa okutunuulira ku bisaawe ebirala. Oluvannyuma lw'ekyo, okunoonyereza kuno kwetaaga okukolebwa ku lulimi Oluganda lwonna awamu. Noolwekyo, olulimi Oluganda lwetaaga ***Enkuluze y'olulimi Oluganda ey'ekiruubirirwa eky'awamu nga yeesigamiziddwa ku bitegeero.***

EBITABO EBYAKOZESEBWA

1. Gorman, T.P (1972) ***A Glossary in English, Kiswahili, Kikuyu and Dholuo.*** Cassell & Company Ltd, Nairobi.
2. Kaggwa, A (1999) ***Empisa z'Abaganda,*** Crane Publishers Limited, Kampala.
3. Kitching, A.L ne Blackledge (1952) ***A Luganda-English and English-Luganda Dictionary,*** Society for Promoting Christian Knowledge, London.
4. Landau, S.I (1989) ***Dictionaries, The Art and Craft of Lexicography,*** Cambridge University Press, NewYork.
5. Le Veux, H (1917) ***Premier essai de Premier essai de Vocabulaire Luganda-Francais,*** Maison-Care, Alger.
6. McArthur, T (1982) ***Longman Lexicon of Contemporary English,*** Longman Group Ltd, England.
7. Mitchell, G.D (1979) ***A New Dictionary of Sociology,*** Routledge & Kegan Paul Ltd, London.
8. Mpuuga, W (1987) ***Amagezi g'Ab'edda,*** Marianum Press, Kisubi.
9. Murphy, J.D (1972) ***Luganda-English Dictionary,*** The Catholic University of America Press, Inc, Washington, D.C.
10. Nsobya, A.T ***The New Kiganda Mathematical System for Astronomical Calculations,*** Nsobya, Kampala.

11. Roget (1966) ***Roget's Thesaurus,*** Longman's Green & Co Ltd, England.

12. Roscoe, J (1965) ***The Baganda,*** Frank Cass & Co. Ltd.

13. Sekamwa, J.C (1990) ***Enkuluze y'Eddiini y'Abaganda ey'Ennono,*** Wood Printers and Stationers, Kampala.

14. Snoxall, R.A (1967) ***Luganda-English Dictionary,*** Clarendon Press, Oxford.

15. Walusimbi, L (1999) ***Okufumbiriganwa mu Buwangwa bw'Abaganda,*** Walusimbi, Kampala.